

حوار

بين مسلم ونصراني

OKUKUBAGANYA EBIROWOOZO

OKUVA MU QUR'ANI NE HADIITHI ENTUUFU

باللغة الأوغندية



FIRST EDITION

الطبعة الأولى



جمعية الدعوة والإرشاد
وتوعية الجاليات بمحافظة حريملاء

حوار بين مسلم ونصراني

OKUKUBAGANYA EBIROWOOZO

WAKATI W'OMUSIRAAMU N'OMUKRISTAAYO

KYAWANDIIKIBWA

H.M.Baagil M.D

KIVVUUNUDDWA

ABDUL HAKIM AUS MAKAYI

KIKAKASIDDWA

FAROOQ ABDULNOOR NTANDA NE

ABDULRAHMAANI IBRAHIIM MUKISA



جمعية الدعوة والإرشاد
وتوعية الجاليات بمحافظة حريملاء

ح) جمعية الدعوة والإرشاد وتوعية الجاليات في محافظة حريملاء، ١٤٤٤هـ

فهرسة مكتبة الملك فهد الوطنية أثناء النشر

ماكاي ، عبدالحكيم أوس
حوار بين مسلم ونصراني باللغة الأوغندية. / عبدالحكيم أوس
ماكاي .- حريملاء ، ١٤٤٤هـ
٢٢ ص ؛ ١٢×١٧.سم

ردمك: ٢-٣٥٠١-٣-٠٣-٦٠٣-٩٧٨

١٤٤٤/٤٠١٣

١-الإسلام والنصرانية أ.العنوان
ديوي ٢٧ ، ٢١٤

رقم الإيداع: ١٤٤٤/٤٠١٣
ردمك: ٢-٣٥٠١-٣-٠٣-٦٠٣-٩٧٨

✉ Jaliathrml@gmail.com



966505118354



SA 5080000226608010026266
SA 2580000226608010900007
SA 5605000068202980101000

حساب الجمعية في مصرف الراجحي
حساب الوقف الدعوي في مصرف الراجحي
حساب الجمعية في مصرف الإنماء



OKUKAKASA

Nze ndi Munnansi eya Amerika nga nnakulira munzikiriza ey'obukristaayo okuva mu buto bwange. Okutuusa omwoyo gwange bwe gw'atandika okumbuuza ku bikwatagana ku Katonda, era nkoze ebintu bingi okutuusa bwenngambye nti ekindi ku mutima kankiggyeyo abantu bakimanye.

Oluvannyuma lw'okusoma n'okwekenneenya ekitabo kino eky'Okukubaganya Ebirowoozo wakati w'Omukristaayo n'omusiraamu emirundi egisukka mu gumu, n'okuziddinngana ay'ati za Qur'ani n'ennyiriri okuva mu Baibuli.

Oluvannyuma lw'ebyo byonna kangyolese shahada yange ey'okuyingira eddiini y'obusiraamu mu lujjudde mu Luzungu ne mu Luwarabu: Nkakasa ku mutima gwange, nenjatula n'olulimi nti tewali kisinzibwa mu butuufu okujjako Allah (Katonda), era nkakasa nti Nabbi Muhammadi muddu we era Mubaka we, (Ash'hadu an la ilaaha illa Allah, Wa Ash'hadu anna Muhammada abduhu wa Rasuulu).
Nga mpitira ku kwatula kwange kuno okw'ekigambo ky'obusiraamu, era gw'emusingi eddiini y'obusiraamu kwe yimirira, kale nno nsuubira abantu okukkiriza Enzikiriza eno Entuufu mu myoyo gyabwe.

Nsuubira nti ekitabo kino kitono era kyangu okukasoma, era kijja kusikiriza bangi muni yonna na ddala abo abanoonya Enzikiriza Entuufu, emyooyo gyabwe gijja kutebenkera n'okumatira nga basomye ekitabo kino.

Roy Earl Johnson

Ekigambo ky'Omuwandiisi

Nsooka okwogera ku Linnya Iya Katonda Omusaasizi Ow'ekisa ekingi.

Ekitabo kino kyawandiikiddwa oluvannyuma lw'embooji yange gyennakola n'abakulembeze bobukristaayo wamu n'abakristaayo abaabulijjo. Okukubaganya ebirowoozo kuno kwali kukkakkamu, nga kwassanyu, kwa mukwano, nga kwa kigendererwa ekizimba, nga tekuliimu kunyiiza Mukristaayo yenna wadde okuvvoola Ekitiibwa ky'omuntu yenna. Wabula Mbooji esikiriza era nga ereeta ekibuuzo ekinene eri eddiini y'ekikristaayo. Ebigambo bino tebisaaniddwa kulekebwa kwaabo abanoonya amazima, n'abanoonya ekkubo eribatutuusa mu Ggulu (Ejjana), ekirala kwaabo abasoma amadiini ag'enjawulo.

K: Mukristaayo

M: Musiraamu

(Ennyukuta zino ziraga obumpimpi bw'amannya ago ezikozeseddwa mu mbooji yaffe eno.

H.M. Baagil, M. D

January 1984.

Ennyanjula

Nsooka okwogera ku linnya lya Katonda Omusaasizi Ow'ekisa Ekingi.

Mwebaza Omutonzi Ow'ekitiibwa okumpa omukisa guno ogw'okusoma n'okuvvuunula ekitabo kino ekiyitibwa (Okukubaganya ebirowoozo wakati w'omukristaayo n'omusiraamu). Ensibuko y'olulimi lw'ekitabo kino Lungereza, oluvannyuma kyavvuunulwa mu nnimi ez'enjawulo munsu yonna, gamba nga Oluswayiri, Olufaransa n'ennimi endala. Nange nebaza Omutonzi owa waggulu ow'ekitiibwa Ampadde omukisa guno okukavvuunula mu lulimi lwaffe Oluganda.

Omulumu guno gwakolebwa Dr. Hasan M. Baagil mu kkubo ery'okumubuuza nga bwayanukula, Omusomi w'okukubaganya ebirowoozo kuno ajakuzuula ebintu ebiwerako ebyeewunyisa mu Baibuli ne Qur'ani wamu n'ebitabo ebirala nga bikwaata ku Yesu n'abalala ab'ayogerwa mu kitabo kino, mulimu ebikwaata ku bwa katanda bwe oba butuufu?, ebikwaata kukukomererwa kwe ku musaalaba, ebimwogerwaako ku by'amagero by'eyakola, ebikwaata ku Baibuli n'ebigambo ebirimu by'ani?, ebikwaata ku Yesu oba ddala mwaana wa Katonda, ebikwaata ku Muhammadi n'obubaka bwe mu Baibuli ne mu Qur'ani. Bino byonna n'ebirala binnyonnyoddwa wamu n'obujulizi okuva mu Baibuli eya King James Version n'ekitabo Qur'ani ekimanyikiddwa mu mikono gy'abasiraamu ennyo.

Omulumu gwa Dr. Baagil wano si kugenderera kunyiiza Bakristaayo wadde okuvvoola Baibuli, wabulakulaga Musomi ow'ekitiibwa obujulizi (bwiino) alaga ekituufu n'ekikyaamu okuva mu Bitabo ebibiri Baibuli ne Qur'ani. Embooji y'Omusiraamu n'Omukristaayo eno erongoosa ensobi eziri mu bantu (mu kumanya oba mu butamanya) ezikwaata

kunzikiriza ebbiri, kale muganda wange ow'ekitiibwa ekitabo kino kirina okuba eky'ebbeeyi ennyo eri abakristaayo n'abasiraamu, nabuli yenna anoonya amazima kunzikiriza zino ebbiri.

Nyongera okujjukiza Omusomi wange nti Emboози eno tukozesezza Ennyukuta zino wammanga okutegeeza abantu ab'enjawulo.

K: Omukristaayo.

M: Omusiraamu.

Abdul Hakiim Ausi Makayi.

Olusisinkana olusooka wakati w'Omukristaayo n'Omusiraamu

K. Lwaaki enjiri n'ensisinkana wakati w'abakristaayo n'abasiraamu zeyongedde nnyo ensangi zino nga boogera kunzikiriza zabwe ebbiri?

M. Ndowooza ensonga eri nti ffenna tulina ebintu ebimu ebitugatta. Tukkiriza mu Mutonzi Omu Eyatuma Abatume abangi, era tukkiriza nti Yesu (issa) ye Mezeya, era kigambo kya Katonda Abayudaaya kye balwaanyisa.

Qur'ani yaffe eyogera mu 3:45

﴿ إِذْ قَالَتِ الْمَلَائِكَةُ يَا مَرْيَمُ إِنَّ اللَّهَ يُبَشِّرُكِ بِكَلِمَةٍ مِنْهُ اسْمُهُ الْمَسِيحُ عِيسَى ابْنُ مَرْيَمَ وَجِيهًا فِي الدُّنْيَا وَالْآخِرَةِ وَمِنَ الْمُقَرَّبِينَ ﴾ [سُورَةُ آلِ عِمْرَانَ].

Jjukira mu kiseera Malayika bwe yagamba nti: Owange Mariyamu!" Mazima Katonda Akusanyusa nga Akutegeeza Ekigambo okuva gy'Ali, erinnya lye ye Al-Masiha Issa (Yesu), mutabani wa

Mariyamu. (Ajja kuba) wa kitiibwa mu nsi era ne ku Nkomerero era .“ajja kuba wa mw’abo abasembezebwa okumpi ne Katonda

Enjiri ekoledwa wakati w’enzikiriza ebbiri munsizi ebulaaya eziwerako, Canada, Amerika ne Ausitralia. Era ne Vatikaani yetaba mu mulimu guno, Enjiri yakolebwa mu kibuga kye Rooma mu mwaaka gwa 1970, ne mukibuga Cayiro mu myaaka gye 1974, 1978, wakati w’abamanyi ba Vatikaani wamu n’abamanyi b’obusiraamu be Egypt. Ensisinkano endala yaliwo mu mwaaka gwa 1974, yetabamu abakugu mu bukristaayo okuva e Vatikaani n’abamanyi b’obusiraamu okuva munsizi Saudi Arabia. Kwotadde n’abasiraamu abayitiddwa mu Makanisa amangi okuwolereza n’okukiikirira eddiini yabwe mu maaso g’abakristaayo.

K. Bwe kiba nga Obukristaayo bulina emyaaka kumpi 2000, atenga obusiraamu bwakamala emyaaka egisukka mu 1400, lwaaki Enjiri eno wakati w’enzikiriza ebbiri temanyikiddwa mu byaasa ebyakulembera?

M. Ebyaasa bisatu oba bina ebyakayita, Ensi nyingi eza Asia ne Africa- ng’abasiraamu mw’ezo ensi be basingamu obungi- zaali zifugibwa nabangereza, abafaransa, abaholland, ababeligiya, abasipaniya, abapotigo. Abakulembeze b’Obukristaayo mu gavumenti ezo, baakola kaweeefube w’okukyuusa abasiraamu bangi okubazza munzikiriza y’ekikristaayo nga bakozeza amakubo ag’enjwulo, gamba nga okubawa obujjanjabi ku bwereere, engoye ez’okwambala, Ebyokulya, okubateerawo emirimu egy’okukola eri abetaavu n’amakubo amalala, wadde nga kiri bwe kityo, ennamba esinga obunene teyakyuuka. Ennamba eno entono yakyuuka olw’esonga gye baawanga nga bbo nti Obukristaayo buleese ebyenjigiriza ebirungi n’enkulaakulana eri ku mutindo ogwawaggulu. Endowooza eno yali nkyamu enneeyolefu okugikkiriza; kubanga enkulaakulana gyebeekwaasa yajjawo dda munsizi ebulaaya oluvannyuma lw’ebyoobufuzi n’ensonga z’eggwanga

okujjibwa n'okwaawulibwa okuva mu bifo by'amasinzizo n'amakanisa.

Sematalo owokubiri eyaliwo muni yonna ng'awedde, enkumi n'enkumi z'abasiraamu okuva muni z'Asia ne Afrika baatandika okusenga muni ezebugwa njuma ng'abakozi ab'awaka n'abo abaafunanga emirimu egy'obuyigirize, ensonga eyaleetawo enkwaatagana n'okuwuliziganya wakati w'enzikiriza ebbiri. Era abayizi abasiraamu b'akola ky'amaanyi okumanyisa obusiraamu mu bantu bebaasangayo muni ezo.

K. Olabayo ensonga endala lwaaki Enjiri oba okwogerezeganya okwenjawulo kuky'agenda mu maaso, waddenga buli ludda lw'enzikiriza zino ebbiri luky'agenda mu maaso n'ebigendererwa byalwo?

M. Ndwooza omwagaanya wakati w'enzikiriza ebbiri gugenda gufunda, mu mbeera nti zonna zeewanggana ekitiibwa, waddenga kiri bw'ekityo zonna ziky'agenda mu maaso okuvuganya buli ludda okufuna abagoberezi abangi. Nzijukira Omusomesa wange Omukristaayo eyagambanga: "Muhammadi mulimba omufere, yaloota buloosi, yalina endwadde z'omutwe". Naye ebiseera bino .abawandiisi batono nnyo abavvoola obusiraamu mu mbeera nga eno

Ffe Abasiraamu tuli bakumpi n'abakristaayo okusinga abayudaaya n'abatakkiririza mu Katonda owa waggulu, era kino Qur'ani yakyogera dda mu suula 5:82

﴿لَتَجِدَنَّ أَشَدَّ النَّاسِ عَدَاوَةً لِلَّذِينَ آمَنُوا الْيَهُودَ وَالَّذِينَ أَشْرَكُوا
وَلَتَجِدَنَّ أَقْرَبَهُمْ مَوَدَّةً لِلَّذِينَ آمَنُوا الَّذِينَ قَالُوا إِنَّا نَصَارَىٰ ذَٰلِكَ بِأَنَّ
مِنْهُمْ قَيْسِيْنَ وَرُهَبَانَا وَأَنَّهُمْ لَا يَسْتَكْبِرُونَ ﴿٨٢﴾﴾ [سُورَةُ الْمَائِدَةِ].

“Ojja kusangira ddala (abayitirivu) okusinga abantu bonna obulabe eri abo abakkiriza (Abasiraamu) nga be Bayudaaya na'bo abagatta

Katonda ebintu ebirala. Ate ojja kusanga nga ababasinga okuba okumpi n'omukwano eri bo abakkiriza nga be bo abagamba nti: Mazima ffe tuli Bannaswara (Abakristaayo): Ekyo (eky'okwagala Abasiraamu) ku lwa kubanga mazimamulimu mu bo ababuulizi (Bakisiisi) abayigirize n'Abasossodooti, kubanga mazima bo tebeekuza.”

Enzikiriza z'abakristaayo ezimu zituuse kunkulaakulana ekakasa okusookera ddala mu byafaayo nti Nabbi Muhammadi ava mu lulyo lwa Isimarei (Ismael) ng'ayitira ku mwaana we owokubiri Kedali. Dictionary ya Baibuli Devisi (1980), eyakolebwa olukiiko lw'ebyenjigiriza olw'abakristaayo be Kanisa ya Presbyterian okuva mu Amerika, yawandiika wansi w'ekigambo Kedali nga ennyonnyola amakulu gakyoo: “...Ekika ekivaamu olulyo lwa Isimarei, nga Baibuli bwe tugamba mu (Oluberyeberyee. 25:13).

“N'abaana ba Isimarei, amannya gaabwe nga bwe gaali, nga bwe baazaalibwa, amannya gaabwe ge gano: omuberyeberyee wa Isimaeri, Nebayoosi; ne Kedali, ne Adubeeri, ne Mibusamu.” N'ekika kino Kedali Muhammadi mw'asibuka.

Ate Baibuli ya Encyclopedia eya international Standard (the international standard Bible Encyclopedia) yanokolayo ebigambo bino okuva A. S. Fulton: “... Mu bino ebika ebya Isimarei, Kedali kirina okuba nga kyaali mu bika eby'omugaso era ebyamaanyi ennyo, na bwekityo ebiseera ebyaddako erinnya lino lyakozesebwa ku bika ebiwangaalira mu bifo ebyeddungu. Ekkubo erya Kedali (mu luwarabu Keidar), lyelyo Abamanya b'obusiraamu ab'endyo lye bateekamu Nabbi Muhammadi ng'asibuka mu Isimarei.”

Ne Dictionary ya Baibuli eya Smith's Bible yaleeta ebigambo bino: “Kedali ye mwaana owokubiri mu baana ba isimarei nga Baibuli bwe gamba mu (Oluberyeberyee. 25:13)... olulyo lwa Muhammadi

lutuuka ku Ibulayimu (Ibrahiimu) nga luyitira mu kika ekitukuvu Kuraishi, nakyo kisibuka mu Kedali. Abawarabu ba Hijaaazi baitibwa Banu Harbu (bannanyini lutalo), nabo basibuka mu isimarei mu biseera ebyedda okuviira ddala kuntandikwa. Palgrave agamba era kati Olulimi lwabwe lutukuvu okuviira ddala ku Qur’ani bwe yawandiikibwa mu myaaka gya (AD. 610), kati emyaaka gisukka 1200 nga tekyuusibwanga wadde ennyukuta emu; buno bujulizi obweyolefu obw’amaanyi obw’okubeerawo obusibuka munsu ezo’obuvanjuba.”

Eky’obugagga ekinene ekyaleetebwa n’abasiraamu ab’asenga munsu zo’bugwanjuba (western hemisphere) tegaali maanyi gabwe wadde ekintu kyonna, wabula yali diini yabwe busiraamu, nayo omulandira gwayo muwanvukati munsu zino. Emizikiti mingi ne’bifo by’obusiraamu bitandikiddwaawo, era bangi bakomyeewo mu ddiini yabwe ey’obusiraamu. Njagadde nnyo okukozesa ekigambo “bakomyeewo” okusinga “bakyuuse”, kubanga buli mwana azaalibwa munsu eno, azaalibwa mweteefuteefu okukkiriza Katonda Omu Atalina mwana, amakulu nga musiraamu, buno bwe bubumbwa bwabuli kizaalibwa. Wabula abazadde n’abantu beebakyuusa ekitonde ekizaaliddwa nga bakikuliza munzikiriza eyekiyudaaya, eyekikristaayo, nenzikiriza endala nga obusamize ne’birala.

Bino by’ebimu ku biraga nti obusiraamu tebwasasaana munsu eno na bitala ng’abamu bwe bakitwaala, wabula bwabuna ensu eno nakusomesa bantu nga bakozesa amakubo ag’emirembe, ono kaweeefube akolebwa abantu kinn’omu, oba nga bali mu bibinja eby’enjawulo.

Ennamba y’abantu Munsu yonna yeyongedde 136% okuva mu mwaaka gwa 1934 okutuusa 1984, Obukristaayo nga bulina 47% ate Obusiraamu 235%. Osobola okufuna eggulire oba okubala kuno ne (The plain Truth, February 1984), mu bintu byayo by’efulumya

eby'okuweza emyaaka 50, bino by'anokolebwaayo okuva mu (The World Almanac and Book of Facts 1935, Reader's Digest Almanac and Year book 1983).

K. Bwekiba ng'amadiini gano asatu, Obuyudaaya, Obukristaayo n'Obusiraamu, gagamba gonna gaava wa Katonda Omu, lwaki gayawukana nnyo munzikiriza yaago nyingi?

M. Bonna ba Nnabbi n'Abatume okuva ku Adamu okutuuka ku Muhammadi, baatumwa n'obubaka bumu: Era obubaka buno kwe kwewaayo kw'omuntu n'asinza Omutonzi Omu Yekka era n'ateeka munkola amateeka Ge. N'okwewaayo kuno mu Luwarabu kyebayita Obusiraamu; Obusiraamu kitegeeza Mirembe, Emirembe wakati w'ekitonde n'Omutonzi wakyo. Ekitali ku Buyudaaya n'obukristaayo, erinnya lino "Busiraamu" ly'atumibwa na Katonda, Omutonzi Yennyini nga essuula 5:3 bwe tutegeeza:

الْيَوْمَ أَكْمَلْتُ لَكُمْ دِينَكُمْ وَأَتَمَمْتُ عَلَيْكُمْ نِعْمَتِي
وَرَضِيتُ لَكُمُ الْإِسْلَامَ دِينًا (سُورَةُ آلِ عِمْرَانَ)

Olwaleero Mbajjulizza Eddiini yammwe era ne Mbajjuliza) n'ekyengera Kyange, ne Mbasiimira mmwe Obusiraamu okuba Eddiini yammwe). Ekituufu kiri nti "Obuyudaaya" oba "Obukristaayo" tebuliimu mu Baibuli, wadde ne mu bitabo ebyavvuunula Baibuli (Dictionary). Tewali Mutume nga yasibuka mu Isiraeri eyayogera ku kigambo Buyudaaya. Yesu yennyini tajulirangako nti ye yatandikawo Obukristaayo muni yonna wadde ye okweeyita Omukristaayo. Ekigambo Bukristaayo kyayogerwa emirundi esatu (3) gyokka mundagaano empya okusookera ddala mu Antiyokiya. Soma Ebikolwa (11:26) "...abayigirizwa ne basooka okuyitibwa ."**Abakristaayo** mu Antiyokiya

Oluvannyuma erinnya lino ly'akozesebwa ne Kabaka Agulipa owokubiri ng'ayogera ne Pawulo nga Baibuli bwe gamba mu (Bikolwa. 26:28)

“Agulipa n'agamba Pawulo nti Oyagala okunsendasenda onfuule Omukristaayo)

N'olwekyo erinnya “OMukristaayo” ly'akozesebwa okusookera ddala n'abalabe baabakristaayo, wabula si nabaamikwaano gyabwe. Kunkomerero ne likozesebwa ne Petero mu bubaka bwe ng'akubagiza abakkiriza, Soma 1 Petero 4:16:

(Naye omuntu yenna bw'abonyaabonyezebwanga nga Omukristaayo, takwatibwanga nsonyi; naye atenderezanga Katonda mu linnya eryo)

Omusiraamu eyasookera ddala si Muhammadi, wabula Adamu, oluvannyuma Abatumeabalala abasiraamu ne bajjanga bagobereragana: Nuhu (Noa) n'abala abajja oluvannyuma lwe okutuuka ku Ibulayimu, Musa, Yesu ne bakomekkereza ne Muhammadi ebyengeri nemirembe bibeere ku Batume abo.

K. Kijja kitya Ibulayimu okubeera Omusiraamu? Amanyikiddwa nga Omuyudaaya!

M. Omuyudaaya! Ani yabiggamba?

K. Bwe tutyo bwe tusomesebwa; ate kyandiba nga Baibuli ya kikakasa bw'etyo.

M. Nsaba ondageyo olunyiriri mu Baibuli nga lugamba nti yali Muyudaaya? Bw'oba tonnalufuna, kankuyambeko. Soma Oluberyeberye 11:31

K. “Teera n’atwala Ibulaamu omwana we, ne Lutti, omwana wa Kalani, omuzzukulu we, ne Salaayi muka mwana we, omukazi w’omwana we Ibulaamu; ne bavaayo nabo mu Uli, ye ensi ey’Abakaludaaya, okuyingira mu nsi ya Kanani; ne batuuka e Kalani, ne batuula eyo.”

M. N’olwekyo Ibulaamu (Ibulayimu) eyazaalibwa mu e Uli ey’Abakaludaaya tasobola kuba Muyudaaya. Ekisooka lwansonga Uli ey’Abakaludaaya ya Mesopotamia, nga saawa zino kitundu kungsi ya Iraaka. Ye yali muwarabu okusinga okuba Omuyudaaya. Ekyokubiri erinnya Buyudaaya lyamanyikibwa oluvannyuma lwa Yuda okubeera munsini eno, Omuzzukulu omukulu owa Ibulaamu soma (Oluberyeberye 12:4, 5).

K. “Bw’aty’o Ibulaamu n’agenda, nga Mukama bwe yamugamba; ne Lutti n’agenda naye: Ibulaamu yali yaakamaze emyaka nsanvu mu etaano bwe yava mu Kalani.”

M. Ekitegeeza nti Ibulaamu yasenga mu Kanani ng’alina emyaaka nsanvu mu etaano (75) era Baibuli yakireeta bulungi nti Ibulaamu yaliyo nga Mugenyi tamanyikiddwaayo, tunula mu (Oluberyeberye 17:8); “Era ndikuwa ggwe n’ezzadde lyo eririddawo ensi gye watambulirangamu, ensi yonna eya Kanani, okugirya emirembe gyonna; era nze, naabeeranga Katonda waabwe.” Yongera osome (Oluberyeberye 14:13):

K. “Ne wajja omu eyawonawo, n’abuulira Ibulaamu Omwebbulaniya: oyo yatuulanga awali emivule gya Mamule Omwamoli, muganda wa Esukoli, era muganda wa Aneri; nabo baali nga balagaanye ne Ibulaamu.”

M. Muyita mutya Ibulaamu (Iburahiimu) Omuyudaaya ng’ate Baibuli yennyini yamuyita “Mwebulaniya” nga linnya litegeeza Omuntu

eyasomoka oludda lw'omugga Euphrates. N'ritegeeza era omuntu ava mu lulyo lwa Era Muzzukulu wa Shem. Oyinza okusoma mu (Oluberyeberye 32:28) olabe erinnya lya Yakobo bwe lyakyuuka neriyitibwa Malayika Isiraeri.

K. "N'ayogera nti Erinnya lyo terikyayitibwanga Yakobo, wabula Isiraeri: kubanga owakanye ne Katonda era n'abantu, era osinze."

M. N'olwekyo Ibulaamu (Ibulayimu) yali Mwebulaniya. Abazukkulu ba Yakobo baali ba Isiraeri nga balimu ebika kumi na bibiri (12). Yuda yaweebwa erinnya eddala "muyudaaya", era abazzukulu ba Yuda be baali abayudaaya kuntandikwa. Okumanya Musa ekituufu kye yali soma (Okuva. 6:16-20)

K. "Ne gano ge mannya g'abaana ba Leevi mu mireembe gyabwe; Gerusoni, ne Kokasi, ne Merali: n'emyyaka egy'obulamu bwa Leevi emyyaka kikumi mu asatu mu musanvu (137). N'abaana ba Kokasi: Amulaamu ... Amulaamu n'awasa Yokobedi muganda wa kitaawe; n'amuzaalira Alooni, ne Musa..."

M. Kitegeeza Musa si Muyudaaya kubanga teyali mu bazzukulu ba Yuda wabula yali Muleewi. Musa yaweebwa ekitabo "Tawuraati" obubaka obwa mutumwa eri abaana ba Isiraeri.

K. Onyonyola otya ensonga eyo?

M. Nsaba tukozese Qur'ani nga obuddiro era nga ekipimo. Osobola bulungi okunnyonnyola Baibuli n'olongoosa era n'oyogera kundaba y'abayudaaya n'abakristaayo ng'okozesa Qur'ani. Kubanga ky'ekitabo ekisembayo mu bitabo ebyaava mu ggulu nga tekikyusibwanga. Obukuumi bwakyo Katonda Yabwesigaliza nga bwe Yagamba mu Qur'ani Suula 2:2

﴿ذَلِكَ الْكِتَابُ لَا رَيْبَ فِيهِ هُدًى لِّلْمُتَّقِينَ﴾ [سُورَةُ الْبَقَرَةِ].

“Ekyo Ekitabo (Qur’ani); tewali kubuusabuusa mu kyo, (okuba nga kyava eri Katonda), mazima nga kya kulungamy abatya Katonda.”

Ne mu suula 15:9

﴿إِنَّا نَحْنُ نَزَّلْنَا الذِّكْرَ وَإِنَّا لَهُ لَحَافِظُونَ﴾ [سُورَةُ الْحَجَرِ].

Mazima tewali kubuusabuusa Ffe Twassa (Qur’ani) era ddala” mazima Ffe Tujja okugikuuma.” Eno ay’ati oba Olunyiriri luno, somo eri Omuntu yenna, kino bujulizi obweyolefu era bwankukunala obulaga amazima nti mu myaaka Lukumi mu bina (1400) egyakayitawo bukyanga Qur’ani ekka okuva mu ggulu, tewali kigambo nakimu muyo kyajjibwaamu wadde okwongerwaamu, waddenga kaweefube yakolebwa era aky’akolebwa okuva mu bantu abamu abatali basiraamu munsu yonna okukyusa Ekitabo kino, .naye tebasobola kubanga Katonda Yennyini Yeyimirira okukikuuma

Ate bwe tudda ku bitabo ebirala, (Tawurati, Zaburi, Enjiri) n’ebirala by’akyuusibwa ne byongezebwaamu ebigambo ebimu at’ebimu ne bijjibwaamu.

K. Oyinza okumpaayo Qur’ani yammwe kye yayogera ku Ibulaamu ne Musa nga kyakakasibwa ne Baibuli?

M. Bulungi nnyo, mu suula 3:65 Qur’ani yagamba:

﴿يَا أَهْلَ الْكِتَابِ لِمَ تُحَاجُّونَ فِي إِبْرَاهِيمَ وَمَا أُنزِلَتِ التَّوْرَةُ إِلَّا نَجِيلٌ إِلَّا مَن بَعْدَهُ أَفَلَا تَعْقِلُونَ﴾ [سُورَةُ آلِ عِمْرَانَ].

“Abange Bannannyini Kitabo! Lwaki mukaayana (ku bikwata ku ddiini) ya Ibrahiimu (Ibulaamu) nga teyassibwa Tauraati n’Ejiri wabula luvannyuma lwe? Abaffe temugeziwala (ne mutegeera

ekituufu)?”

Ne mu suula 3:67:

﴿مَا كَانَ إِبْرَاهِيمُ يَهُودِيًّا وَلَا نَصْرَانِيًّا وَلَكِنْ كَانَ حَنِيفًا مُّسْلِمًا
وَمَا كَانَ مِنَ الْمُشْرِكِينَ﴾ [سُورَةُ آلِ عِمْرَانَ].

Tabeeranga Ibrahiimu (Ibulaamu) Muyudaaya oba Omukristaayo;”
naye yali ayawukanye n’eddiini zonna nga Musiraamu, era tabanga
“wa mu bagatta ku Katonda bintu birala

Ne mu suula 2:140:

﴿أَمْ تَقُولُونَ إِنَّ إِبْرَاهِيمَ وَإِسْمَاعِيلَ وَإِسْحَاقَ وَيَعْقُوبَ وَالْأَسْبَاطَ
كَانُوا هُودًا أَوْ نَصَارَىٰ قُلْ أَنتُمْ أَعْلَمُ أَمْ اللَّهُ وَمَنْ أَظْلَمُ مِمَّن
كَتَمَ شَهَادَةً عِنْدَهُ مِنَ اللَّهِ وَمَا اللَّهُ بِغَافِلٍ عَمَّا تَعْمَلُونَ﴾ [سُورَةُ الْبَقَرَةِ].

Abaffe, oba mugamba nti mazima Ibrahiimu ne Ismaili ne Ishaka”
ne Yakubu (Yakobo) ne Bannabbi abaava mu zzadde lya Yakubu
nti baali Bayudaaya oba baali Bakristaayo? Bagambe nti: Mmwe
musinga Allah Okumanya? Anni asinga obulyazaamaanyi okusinga
oyo akweka obujulizi bw’alina obwava eri Allah? Allah Tasudde
muguluka ebyo bye mukola.” Tewali kubuusa buusa tebabangako
Bayudaaya wadde Abakristaayo; kubanga erinnya Buyudaaya lyajjawo
oba lyamanyikibwa oluvannyuma lwa Yuda, ate erinnya Bukristaayo
lyamanyikibwa nga wayiseewo ekiseera kiwanvu nga Yesu yava dda
.munsi

K. Ndi mukweewuunya nga mpulira ekigambo Allah lwaki tokozesa
“God” nga twogera Oluzungu?

M. Kituufu erinnya “Allah” lirabika pya mu matu g’abatali basiraamu bangi, naye erinnya lino ly’akozesebwa dda n’abatume bonna okuva ku Nabbi Adamu okutuuka ku Nabbi Muhammadi. Era kuba kutanza kw’ebigambo bibiri eby’oluwarabu; Al-llah, nga kitegeeza Katonda owa waggulu Asinzibwa mu butuufu. Kitegeeza bwetujjako ennyukuta “I”, ekigambo Allah kijja kuba kyetongodde. Ensibuko y’erinnya lyalyo mu mbooji z’oluwarabu, likola erinnya “Allaha”, era litegeeza amakulu geegamu n’erinnya erimanyikiddwa mu lwebulaniya; “Eloha”, Omutonzi Asinzibwa. Naye abayudaaya balikozesa mu bukyaamu ne ba lyaatula “Elohim”, ekigambo ekitegeeza bakatonda Abassuka mw’omu. Era ekigambo Allaha kiwulikika kumpi ky’ekimu ne Alaha mu lugiriyama (Aramaic), olulimi Yesu lwe yakozesa kuni kuno (soma Encyclopedia Britannica 1980 wansi w’erinnya Allah ne Elohim). Tetugaanye erinnya Allah pya mu batali basiraamu naye si pya ku Batume ne Bannabbi bonna okuva ku Adam mpaka ku Muhammadi, nga era bonna bwe b’ajja n’eddiini emu ey’okukkiriza n’okwewaayo eri Katonda, nabwo bwe Busiraamu, n’ekigambo Allah ly’erinnya Katonda Omutonzi w’ebitonde byonna lyeyeetuuma. Erinnya lino teririna bungu bwalyo era terituumibwa kitonde kyonna, kitegeeza tekisoboka kugamba ba Allah oba ba Katonda oba mu luzungu Gods.

Kibuzaabuza nnyo okukozesa ekigambo Katonda kubanga Abakristaayo bangi balikozesa nga bategeeza Yesu ye Katonda. Ky’ekimu n’ekigambo Omutonzi era bangi mu bakristaayo balikozesa nga bategeeza Yesu ye yatonda Ensi eno, naye tujja kulikozesa mu bigambo ebisigadde nga tutegeeza Allah nga bwetunnyonnyodde.

Ate si kigambo Allah kyokka kyekipya mu batali basiraamu, wabula n’engeri abasiraamu gye basinzaamu nga bafuna wudu, nga bakutamye ku maviivi mu sswala, nga bavunnamye ku ttaka mu sswala, n’engeri

gye basiibamu byeewuunyisa abatali basiraamu bangi, naye si bipya ku ba Nabbi n'abatume bonna. Okufuna wuzu (okunaaba mu kyeenyi, okunaaba emikono, ebigere n'okusiimuula munviiri) nga okusaala tekunnaba tebikolebwa na bakristaayo ba leero, nayenga ekikolwa kino kikolebwa nabasiraamu era kyakolebwanga n'abatume aba bakulemba nga Baibuli bwe tunnyonyola munnyiriri zino: (Okuva 40:31-32)

“Musa ne Alooni n'abaana be ne bakinaabirangamu engalo zaabwe n'ebigere byabwe; bwe baayingiranga mu weema ey'okusisinkanirangamu, era bwe baasembereranga ekyoto, baanaabanga: nga Mukama bwe yalagira Musa.” Waddenga Pawulo yakyuusakyuusa ebintu bingi munsomesa ya Yesu, naye yasigala akkiriza obukulu bw'okufuna wudu nga Baibuli bwetugamba mu (Bikolwa 21:26)

“Awo Pawulo n'alyoka atwala abantu, ku lunaku olw'okubiri n'atukuzibwa wamu nabo n'ayingira mu yeekaalu okulaga ennaku ez'okutukuza bwe zituuse, okutuusa ekiweebwayo lwe kyaweebwayo olwa buli omu ku bo.” Abakyala abasiraamu basinza Katonda mu sswala zabwe nga beebisse emitwe gyabwe nga Baibuli bw'ekyogera mu (1 Abakkolinso 11:5,6 ne 13):

Buli musajja bw'asaba oba bw'abuulira, omutwe gwe nga” gubikkiddwako, aswaza omutwe gwe 5 Naye buli mukazi bw'asaba oba bw'abuulira, omutwe gwe nga tegubikkiddwako, aswaza omutwe gwe: kubanga bwe bumu ddala ng'amwereddwa 6. Musale omusango nammwe mwekka: kisaana omukazi asabanga Katonda nga tabikkiddwako? 13. Abasiraamu nga basaala bakutama ku maviivi gabwe, ne bafukamira kuttaka, ne bavunnama n'emitwe gyabwe ku ttaka atenga tebali mungatto nga bwe kyakolebwa n'Abatume

.abaasooka

(Zabuli 95:6 egamba bweti):

“Mujje, tusinze, tuvunname; Tufukamire mu maaso ga Mukama Omutonzi waffe”

Ne Yoswa 5:14 egamba bweti:

“N’ayogera nti Nedda; naye omukulu ow’eggye lya Mukama ntuuse kaakano. Yoswa n’amufukaamirira mu maaso ge, n’asinza...”

Ne 1Bassekabaka 18:42

“Awo Akabu n’agolokoka okulya n’okunywa. Eriya n’alinnya ku ntikko y’e Kalumeeri; n’avuunama ku ttaka, n’ateeka amaaso ge wakati w’amaviivi ge.”

Ate (Okubala 20:6) egamba bweti:

“Musa ne Aloonni ne bava mu maaso g’ekibiina ne bagenda ku mulyango gw’eweema ey’okusisinkanirangamu, ne bavuunama amaaso gaabwe: ekitiibwa kya Mukama ne kibalabikira.”

Ate (Oluberyeberye 17:3) egamba bweti:

“Ibulaamu n’avuunama amaaso ge: Katonda n’ayogera naye nti... “

(Okuva 3:5) ne (Ebikolwa 7:33) “Mukama n’amugamba (musa) nti Sumulula engatto eziri mu bigere byo: kubanga mu kifo wano w’oyimiridde watukuvu.”

Omukristaayo ajja kwekanga ng’awulidde nti okugenda e Makkah okukola Hijja oba okulamaga e Makka, omulimu ogukolebwa abasiraamu nga betooloola Kaaba nga gw’akolebwa dda n’Abatume

bangi ab'akulembera, okwo gattako n'Abatume aba Isiraeri.

K. Nedda naawe! Kisoboka kitya ekyo, mbu Hijja okuba mu Baibuli wamu n'ejjinja erya Kaaba.

M. Kino mwekiri emirundi egisukka mu gumu lwakuba abasomi ba Baibuli ensonga eno tebagyekenneenya. Ebyo kulabirako:

1- Yakobo bwe yayolekera e Padaramu yafuna ekirowoozo n'addira ejjinja n'alisimba okuba empagi, (dye yayita Beth- El, amakulu Ennyumba Ya Mukama)." Oluberyeberye 28:18-19

2- Emyaaka nga giyiseewo Nabbi oyo yennyini Yakobo, Katonda Yamulagira agende eri Beth- El, (Oluberyeberye 35:4,14,15). Yakobo n'ajjamu ebibumbe n'amasanamu ne bakatonda ab'obulimba bonna nga tannaba kuyingiramu Ebyaasa bingi bwe byayitawo Nabbi Muhammadi naye yakola ky'ekimu n'ajjamu ebisinzibwa ebikyaamu ku Jjinja eriri ku Kaaba mu kibuga Makka.

3- Empagi endala yazimbibwa ne Yakobo wamu ne Ssezaala we Labani, (Oluberyeberye 31:45-49 "Yakobo n'addira ejjinja, n'alisimba okuba empagi. Yakobo n'agamba baganda be nti Muko**ŋ**jaanye amayinja; ne baddira amayinja, ne bagatuuma entuumu: ne baliira awo awali entuumu. Labbaani n'agituuma erinnya Yegalusakadusa: naye Yakobo n'agituuma Galeedi. era Mizupa, kubanga yayogera nti Mukama atunulenga wakati wange naawe..."

4- Yefusa ne Amoni baayingira mu lutalo ne balwaanagana. Yefusa Yalayira ewa Mukamaawe okusala muwala we kasita awangula olutalo, Era bwatyo yawangula munne n'ayokya muwala we nga mulamu nga ye saddaaka gye yeeyama ewa Katonda we. (Ekyabalamuzi 11:29-39)

5- Abasirikale ba majambiya emitwaalo Ana (400000) okuva mu Bika

kumi na kimu (11) ebya isiraeri b'alayira mu maaso ga Katonda mu Mizupa basaanyewo eggwanga Benjamin (Ekyabalamuzi 20 ne 21).

6- Abaana ba Isiraeri, wansi wa samwiri, baalayira mu Mizupa basaanyewo amasanamu gabwe kasita bawangula Abafilisaayo (1 samwiri7).

7- Eggwanga ddamba erya isiraeri ly'akunngaanira mu Mizupa ekiseera Samwiri bwe yalondebwa okuba Kabaka we Isiraeri (1 Samwiri 10).

Ekimanyikiddwa ebiseera bino kiri nti tewaliiwo Mizupa esigaddewo munsu yonna okujjako enkadde emanyikiddwa mukibuga Makka eyo eyazimbibwa ne Ibulaamu (Iburahiimu) n'omwaana we isiraeri, oyo Omutume Muhammadi gwe yasibukamu okujja mu bulamu buno obwensi. Abasiraamu ekituufu bebagoberezi b'Abatume ne Bannabbi bonna. Nsobola okukubuulira ku bintu bingi ebikwaata ku basiraamu, ku busiraamu nga eddiini n'ebikwaata ku Nabbi Muhammadi nga nkozesa ekitabo Baibuli, naye kankubuuze lwaaki omanyanya bino byonna ng'ate amazima si g'onoonya?

K. Nze ndi Mukristaayo, era nsiimye okumanya enzikiriza zombiriri. Naye sewulira bulungi nga Omukristaayo kasita nsoma ebitabo ebyawandiikibwa n'Abasiraamu.

M. Ky'ogamba ekyo kikukosa mu bulamu bwo obw'ekikristaayo?

K. Iyye, sigenda mu Kanisa nga bwe kyaali oluberyeberyee. Nsomye nnyo ebitabo by'Abasiraamu. Mbuzizza abasiraamu abawerako ekitali kituufu ekintuukako naye sifuna bumativu na bigambo byabwe. Noonya Enzikiriza gyennyinza okwesigamirako, eyo enampa emirembe mu mwoyo gwange. Etuukagana n'embeera za sayansi, nga si byakukkiriza byokka.

M. Kirina okuba bwekityo. Endabayo ngisiimye bambi. Era naffe tetukkirizibwa kukaka muntu kuyingira busiraamu lwampaka, wabula tubuulira abo abaagala okutuwwuliriza.

K. Ky'endowooza nina ebbeetu okulondawo enzikiriza gyenjagala era tewali alina buyinza kunnyimiriza kw'ekyo.

M. Kituufu ekyo, era naffe Qur'ani etugamba tewali kuwaliriza muntu kumuyingiza ddiini.

K. Bwekiba bwekityo lwaaki Abasiraamu bakoowoola abalala okukkiriza enzikiriza yabwe?

M. Ng'abakristaayo bwe bakoowoola abalala bonna nga kwotadde n'Abayudaaya bakkirize Yesu nti ye Mezeya, naffe Abasiraamu tukoowoola Abakristaayo n'Abayudaaya wamu n'abantu muni yonna okukkiriza Nabbi Muhammadi nga ow'enkomerero mu Bannabbi n'Abatume bonna. Omutume waffe ono yatugamba: "Tuusa obubaka obw'eddiini nga ojja kunze ne bw'eba ayati emu (Olunyiriri munnyiriri za Qur'ani)."

Era (Isaaya 21:13) egamba: "Omugugu oguli ku buwalabu," Omugugu guno ekitegezebwaamu bw'ebuvunaanyizibwa abasiraamu b'omubuwalabu bwe balina mu kusomesa Obusiraamu. Isaaya bino yabyogera oluvannyuma lw'okujjirwa ekirowoozo ng'alaba abeebagadde endogoyi, n'abeebagadde enngamiya. (Isaaya 21:7):

"Era bw'alabanga ekitongole, abeebagala embalaasi babiri nga bali wamu, ekibiina ky'endogoyi, ekibiina ky'eInjira, awuliranga nnyo nga yeetegereza bulungi."

Ekibiina ekyali eky'endogoyi kimanyikiddwa bulungi nti kya

Yesu, oyo eyayingira e Jeruzalimu. Tunula mu Yokana 12:14 ne Matayo 21:5. Kati ekyeebuuzibwa, Ani yali ategeezebwa mu kibiina ky'enngamiya? Oyo simulala okujjako ye Muhammadi, oyo eyajja nga wayiseewo emyaaka lukaaga (600) oluvannyuma lw'okujja kwa Yesu. Bwekiba kino temukikiriza, kaakati ekigambo kya Isaaya kiba tekituukiriranga.

K. Ennyinyonnyolayo ey'ebigambo bino entaddemu ekirowoozo okuddamu okusoma Baibuli nga ngyekenneenya okusingawo. Era nnaali yagadde mbeere n'okwogera kwaffe naawe okulala.

M. Kituufu, wabula omuntu yenna asaanye akimanye nti okweesiima kunsikuno tekitegeeza nti awangudde okweesiima enkomerero bweriba entuuse, obulamu obuliddawo ng'obwokunsi buwedde, bwe businga obuwanvu n'okuwangaala ennyo okusinga obulamu bwetulimu buno. Abantu ebiseera bino baagadde nnyo ssente n'obulamu bw'okweyagala okusinga okubeera ennyo ku ddiini eyabatonza. Nkoowoola abantu bonna twegatte twogere ku bintu bye twawukanamu. Obusiraamu bw'azimbibwa na bujulizi na bwiino alaga gyebusibuka era omuntu bumutwaalawa, si byakumala ga kkiriza kyokka. Era ne Baibuliyo egamba mu (1 Abasessaloniika 5:21):

“Mugezengako ku bigambo byonna; munywerezenga ddala ekirungi;”

K. Emabegako katono, oggyeeyo olunyiriri mu Baibuli n'otegeeza nti: “Ekibiina ky'abantu abebagala enngamiya” okuva mu Isaaya n'omaliriza nga ogamba nti nannyini kyo eyali ategeezebwaamu yali Nabbi Muhammadi. Abaffe, ky'ogamba Baibuli yayogera ku Butume n'obwannabbi bwa Muhammadi?

M. Iyye muganda wange.

K. Mundagaano Enkadde oba Empya?

M. Muzombiriri Enkadde n'Empya. Naye kizibu omuntu okukikiriza ebbanga ly'amala nga takkiririza mu bw'omu bwa Katonda. Kyentegeeza ebbanga ly'amala ng'akkiririza mu basatu (Katonda kitaffe, katonda omwana ne katonda omwoyo), era bino y'ensibuko oba enjawulo eriwo ennene wakati w'enzikiriza y'Obukristaayo n'Obusiraamu. Eno enzikiriza yateebwaawo bantu, wabula si Yesu. Yesu yennyi yayogera dda nti abantu bajja kumusinza munsobi nga tebalina bujulizi bwankukunala era obweyolefu, era nti abantu bajja kukkiriza enzikiriza ez'ateekebwaawo bantu bannaabwe. Obujulizi :(kw'eno ensonga soma (Matoyo 15:9

“Naye bansinziza bwereere, Nga bayigiriza amateeka g'abantu nga bye by'okukwata.

BAIBULI ENTUKUVU

M. Okikakasa bulungi nti Baibuli ntukuvu?

K. Iyye, era nkakasa byonna ebiri munda mukyo; kigambo kya Katonda.

M. Soma Lukka olabe bye yayogera mu 1:2 ne 3.

K. “nga bwe baabitubuulira, abo abaasooka okuva ku luberyeberye okuba abajulirwa era abaweereza b'ekigambo, awo bwe nnaliraanyiza ddala byonna okuva ku lubereberye, era nange nnalaba nga kirungi okukuwandiikira ggwe, Teefiro omulungi ennyo, nga bwe byaliraana;”

M. Bw'aba nga Lukka naye yennyini tabangako mujulizi eyajulira n'amaasoge, n'okumanya kwe yakunnganya kw'ava w'abaajulira

nga tekwaava wa Katonda, era oky'agenda mumaaso okugamba nti Baibuli kigambo kya Katonda?

K. Kisoboka okuba nga Olunyiriri luno nga lwelutali kigambo kya Katonda lwokka.

M. Ebyafaayo biraga nti Baibuli yakyuusibwa kyuusibwa mu mirembe egyenjawulo. Baibuli eya (The Revised standard Version 1952 ne 1971), (The New American standard Bible n'eya The New World Translation of the Holy Scripture zonna z'asangulamu ennyiriri ezimu ezisangibwa mu "King James Version." Reader's Digest yakendeeza Endagaano Enkadde ebitundutundu 50%, n'Endagaano Empya nayo n'agikendeeza ebitundutundu kumpi 25%. Ekibuuzo, "Obutukuvu" bwa Baibuli kitegeeza kuba nti terina nsobi n'emu?

K. Iyye, bwekiri, naye nsobi yangeri ki gy'otegeeza?

M. Olaba otya nga Olunyiriri mu Baiburi lugamba nti omuntu bwaati yafiira ku myaaka 50, ate olunyiriri olulala ne lugamba nti omuntu oyo yennyini yafiira ku myaaka 60, Ennyiriri zombiriri zisoboka okuba entuufu?

K. Ekyo nedda tekisoboka kuba zonna ntuufu, kubaako lumu olutuufu, olulala nga si lutuufu.

M. Ekitabo Ekitukuvu bwe kibaamu ennyiriri ezikoonagana, aw'oba okya kiyita kitukuvu.

K. Nedda, kubanga Ebigambo ebitukuvu bubaka obw'ava ewa Katonda, era tekisoboka kubaamu nnyiriri (ay'ati) ezikoonagana.

M. Kitegeeza tekiba kitukuvu

K. Kituufu, awo obutukuvu bwakyo buvaawo.

M. Bw'oba tosobola ku kikiririzaamu 100%. Olowooza nsonga ki eviirako ekyo?

K. Kisoboka okuba nga ensobi yali mu kaseera k'okuwandiika ekitabo kino, mu kwongeramu n'okukendeezaamu.

M. Bwe kiba nga mu Baibuli mulimu Ennyiriri ezikoonagana, era awo oba okya kiyita kitukuvu?

K. Nze nganze sikikakasa nti Baibuli si Ntukuvu, olw'esonga nti sirabamu nnyiriri zikoonagana.

M. Nze nkikakasa nti mulimu ennyiriri ezikoonagana.

K. Mundagaano Enkadde oba mundagaano Empya?

M. Muzonna Endagaano, era kankujjireyo ezimu kuzo:

(2 Samwiri 8:4):

“Dawudi n'amuggyako abasajja abeebagala embalaasi lukumi mu lusavvu, n'abatambula nebigere obukumi bubiri...”

(1 Ebyomumirembe 18:4):

Dawudi n'amunyangako amagaali lukumi, n'abeebagala embalaasi kasanvu...

- Ekibuuzo: Baali lukumi mu lusavvu oba kasanvu, abaali beebagadde embalaasi?

(2 Samwiri 8:9-10):

“Awo Toyi kabaka w'e Kamasi bwe yawulira nga Dawudi akubye eggye lyonna erya Kadadezeri. awo Toyi n'atuma Yolaamu mutabani we eri kabaka Dawudi okumulamusa n'okumwebaza, kubanga alwanyane ne

Kadadezeri n'amukuba: kubanga Kadadezeri yalwananga ne Toyi. Yolaamu n'aleeta wamu naye ebintu ebya ffeeza n'ebintu ebya zaabu n'ebintu eby'ebikomo:"

(1 Ebyomumirembe 18:9-10):

Awo Toowu kabaka w'e Kamasi bwe yawulira nga Dawudi akubye eggye lyonna erya Kadalezeri kabaka w'e Zoba. n'atuma Kadolamu mutabani we eri kabaka Dawudi okumulamusa n'okumwebaza kubanga alwanye ne Kadalezeri n'amukuba; kubanga Kadalezeri yalwananga ne Toowu; era n'ebintu ebya zaabu n'effeeza n'ebikomo eby'engeri zonna byali naye.

- Ekibuuzo: Omutuufu yaani. Toyi oba Toowu, Yolaamu oba Kodolamu, Kadadezeri oba Kadalezeri?

(2 Samwiri 10:18):

Abasuuli ne badduka mu maaso ga Isiraeri; Dawudi n'atta ku Basuuli abasajja ab'omu magaali lusanvu, n'abeebagala embalaasi obukumi buna, n'afumita Sobaki omukulu w'eggye lyabwe n'afiira eyo.

(1 Ebyomumirembe 19:18):

Abasuuli ne badduka mu maaso ga Isiraeri; Dawudi n'atta ku Basuuli abasajja ab'omu magaali kasanvu, n'abatambula n'ebigere obukumi buna, n'atta Sofaki omukulu w'eggye.

- Ekibuuzo: Abasajja ab'omu magaali lusanvu oba Kasanvu, Ekirala eyafumitibwa yali Sobaki oba Sofaki?

(2 Bassekabaka 8:26):

Yali yaakamaze emyaka amakumi abiri mu ebiri bwe yatanula

okufuga; n'afugira omwaka gumu mu Yerusaalemi. Ne nnyina erinnya lye yali Asaliya muwala wa Omuli kabaka wa Isiraeri

Akaziya yali yaakamaze emyaka amakumi ana mu ebiri bwe yatanula okufuga; n'afugira omwaka gumu mu Yerusaalemi. Ne nnyina erinnya lye yali Asaliya muwala wa Omuli.

- Ekibuuzo: Yali yakamala emyaaka 22 oba 42?

(2 Bassekabaka 24:8):

Yekoyakini yali yaakamaze emyaka kkumi na munaana bwe yatanula okufuga; n'afugira emyezi esatu mu Yerusaalemi: n'ennyina erinnya lye yali Nekusita muwala wa Erunasani ow'e Yerusaalemi.

(2 Ebyomumirembe 36:9):

Yekoyakini yali yaakamaze emyaka munaana bwe yatanula okufuga; n'afugira emyezi esatu ko ennaku kkumi mu Yerusaalemi: n'akola ebyo ebyali mu maaso ga Mukama ebibi.

- Ekibuuzo: Yekoyakini yali yaakamaze emyaka kkumi na munaana 18 oba munaana 8? Ekirala n'afuga emyezi esatu oba emyezi esatu n'ennaku kkumi?

(2 Samwiri 23:8):

Gano ge mannya ag'abasajja ab'amaanyi Dawudi be yalina: Yosebubasusebesi Omutakemoni, omukulu w'abaami; era bwe yali bw'atyo Adino Omwezeni, eyalwana n'olunaana abattirwa awamu.

(1 Ebyomumirembe 11:11):

Era guno gwe muwendo gw'ab'amaanyi Dawudi be yalina: Yasobeyamu, omwana w'Omukakumoni, omukulu w'abo amakumi

asatu: yayimusa effumu lye okulwana n'ebikumi bisatu n'abatta omulundi gumu.

- Ekibuuzo: Omutuufu ye Omutakemoni oba Omukakumoni? Ekirala yalwaana na Lunaana oba Bikumi bisatu?

(2 Samwiri 24:1):

Awo obusungu ne bumukwata nate Mukama eri Isiraeri, n'abaweerera Dawudi ng'ayogera nti Genda obale Isiraeri ne Yuda.

Awo Setaani n'ayimirira okulwana ne Isiraeri, n'asendasenda Dawudi okubala Isiraeri.

- Ekibuuzo: Abaffe Setaani Ye Mukama wa Dawudi? Nsaba Katonda Akiteeke wala!

(2 Samwiri 6:23):

Mikali muwala wa Sawulo n'atazaala mwana okutuusa ku lunaku kwe yafira.

(2 Samwiri 21:8):

Naye kabaka n'atwala batabani ba Lizupa muwala wa Aya bombi, be yazaalira Sawulo, Alumoni ne Mefibosesi: ne batabani ba Mikali muwala wa Sawulo abataano, be yazaalira Aduliyeri mutabani wa Baluzirayi Omumekolasi.

Ekibuuzo: Abaffe, Mikali yava kungi kuno ng'azadde oba nedda? Wekenneeny: Erinnya Mikali mu 2 Samwiri 21:8 mweriri mu Baibuli ya (King James Version) ne mu (The New World Translation of the Holy Scriptures) ekozesebwa na Bajulizi ba Yehova. Naye Erinnya lino ly'akyuusibwa mu Baibuli ya (The New American Standard

Bible) 1973 n'eriitibwa Merabu mu luzungu Merabu.

K. Eee! Bino sibirabangako olubereberye. Wakyaaliyo endala nnyingi?

M. Okyayagala okumanya ebirala? Bino ebyokulabirako tebimala okugaana obutukuvu bwakyo? Soma (Olubereberye 6:3):

“Mukama n'ayogera nti Omwoyo gwange teguuwakanenga na muntu emirembe n'emirembe, kubanga naye gwe mubiri: naye ennaku ze ziriba emyaka kikumi mu abiri.”

Naye ekyebuuzibwa, Nuuwa yalina emyaaka emeka mu kaseera weyafiira? Gy'ali gisukka mu Kikumi mu abiri. Tunula mu Baibuli (Olubereberye 9:29):

“N'ennaku zonna eza Nuuwa zaali myaka lwenda mu ataano: n'afa.”

Abamu ku Bamanyi b'Obukristaayo bagamba ekyo tekitegeeza kigero kya myaka kikumi mu abiri egy'omuntu egya waggulu, wabula nti amataba gajja mukaseera kakigero kya myaka kikumi mu abiri. Wadde nga ne kuno okunnyonyola tekumala, kubanga akaseera k'amataba Nuuwa yandibadde n'emyaka lukaaga mu abiri (500+120). Baibuli nayo eraga nti Nuuwa yalina emyaka lukaaga. Weyongere okwetegereza Ennyiriri zino mu Baibuli (Olubereberye 5:32):

“Nuuwa yali nga yaakamala emyaka bitaano: Nuuwa n'azaala Seemu, Kaamu, ne Yafeesi.” N'Olubereberye 7:6

“Naye Nuuwa yali nga yaakamala emyaka lukaaga, amataba ag'amazzi bwe gaabeera ku nsi.”

Abakristaayo enzikiriza yabwe egamba nti Katonda yatonda Omuntu mu kifaananyi kye: Omweru, omuddugavu oba ekirala, musajja oba mukyala? Besigamira ku Lunyiriri mu Baibuli olwa (Olubereberye

1:26):

“Katonda n’ayogera nti, Tukole omuntu mu ngeri yaffe, mu kifaananyi kyaffe: bafugenga eby’omu nnyanja n’ebibuuka waggulu, n’ente, n’ensi yonna, na buli ekywawala ku nsi.” Naye luno Olunyiriri lukoonagana n’enza (Isaaya 40:18 ne 25):

“Kale ani gwe mulifaananya Katonda: oba kifaananyi ki kye mulimugererako? Kale ani gwe mulinfaananya nze okumwenkana? bw’ayogera Omutukuvu.” Tunula era mu (Zabbuli 89:6):

“Kubanga ani mu ggulu gwe bayinza okugeraageranya ne Mukama? Ani ku baana b’abakulu ali nga Mukama.” (Ne Yereimiya 10:6, 7):

“Tewali afaanana ggwe, ai Mukama; ggwe mukulu, n’erinnya lyo kkulu mu buyinza. Ani atandikutidde, ai Kabaka w’amawanga? kubanga kukugwanira ggwe: kubanga mu bagezigezi bonna ab’amawanga ne mu kitiibwa kyabwe kyonna ekya bakabaka temuli akufaanaana ggwe”

K. Naye zino zonna ziri Mundagaano Enkadde.

M. Kale tekirina buzibu, tubikkule Endagaano Empya. (Yokaana 5:37):

“Era Kitange eyantuma oyo ye yategeeza ebyange. Temwawulira ddoobozi lye n’akatono, newakubadde okulaba ekifaananyi kye.”

Yokaana 14:9

“...Alabye kunze, ng’alabye kitange...” Zino Ennyiriri bbiri zikoonagana.

(Yokaana 5:31):

“Bwe nneetegeeza ebyange nze, okutegeeza kwange si kwa mazima.”

(Yokaana 8;14):

“Yesu n’addamu n’abagamba nti Newakubadde nga nneetegeeza nzekka, okutegeeza kwange kwa mazima; kubanga mmanyi gye nnavu, ne gye **ŋŋ**enda; naye mmwe temumanyi gye nva, newakubadde gye **ŋŋ**enda.” Nezino Ennyiriri bbiri zikoonagana.

Zino muganda wange z’ezimu ku nnyiriri eziri mu Baibuli ezikoonagana mundagaano Empya. Ate ojjakusanga endala ezisukka wano bwe tunaayongeraga okuba ffena nga twogera kunzikiriza ez’ekikristaayo ez’omulembe guno, gamba nga enzikiriza eyo busatu, obwa katonda bwa Yesu, Yesu okuba omwaana wa akatonda, Yesu okukomererwa ku musaalaba, engeri Baibuli gye yakkakkanya ba Nabbi ebiteebwa byabwe, nti bannabbi abamu okusinza ba katonda ab’obulimba, n’okubawaayiriza okukola eby’obugwenjufu, eby’okukabasanya, N’obwenzi.

K. Naye bino byonna obijjawa, mu Baibuli?

M. Nuuwa anokolebwaayo mu Baibuli nti yatamiira okutuusa okwejjamu engoyeze zonna mu maaso g’abaana be abakulu, soma Olubereberye 9:23 ne 24:

“Seemu ne Yafeesi ne batoola ekyambalo, ne bakiteeka ku bibegabega byabwe bombi, ne batambula ekyennyumannyyuma, ne babikka ku nsonyi za kitaabwe; era amaaso gaabwe nga gatunuulira nnyuma, ne batalaba nsonyi za kitaabwe. Nuuwa n’atamiirukuka mu mwenge gwe, n’amanya omwana we omuto bwe yamukola.”

Sulemaani yawaayirizibwa okusinza ebintu ebikyaamu ebitali Katonda owa waggulu, tunula mu 1 Bassekabaka 11:9, 10:

“Mukama n’asunguwalira Sulemaani kubanga omutima gwe gwakyyuka

okuva ku Mukama Katonda wa Isiraeri eyali yaakamulabikira emirundi ebiri. era eyamulagira olw'ekigambo ekyo aleme okugoberera bakatonda abalala, naye n'atakwata ekyo Mukama kye yalagira.”

Omutume Alooni (Haruna), oyo eyatambula ne muganda we Musa okukoowoola Farawo n'abantu be okudda eri ekigambo kya Katonda, yawaayirizibwa okubumba akayana kente abantu ba Isiraeri nebatandika okukasinza, soma (Okuva 32:4):

“N'agitoola (Alooni) mu ngalo zaabwe, n'agiwumba n'ekyuma ekisala, n'agifuula ennyana ensaanuuse: ne boogera nti Bano be bakatonda bo, ggwe Isiraeri, abaakuggya mu nsi y'e Misiri”

Ojjakusoma ku Mutume eya nokolebwaayo mu Baibuli nti yawasa abakyala ab'oluganda ababiri omulundi gumu, bikkula (Olubereberye 29:28):

«Yakobo n'akola bw'atyo, n'amala ennaku ze musanvu: (Labbaana) n'amuwa Laakeeri omwana we okumuwasa.»

Omutume omulala eyawaayirizibwa okwetaba mu bikolobero by'obwezi (2 Samwiri 11:4-5):

“Awo Dawudi n'atuma ababaka n'amutwala; n'ayingira gy'ali n'asula naye; (kubanga yali alongoosebwa obutali bulongoofu bwe;) omukazi n'addayo mu nuyumba ye. Omukazi n'aba olubuuto; n'atuma n'abuulira Dawudi n'ayogera nti Ndi lubuto.”

Ekibuuzo kyange kigamba: Kisoboka kitya Yesu okubanga ava mu lulyo lwa Dawudi, olw'aggulwaawo n'omuntu eyakola obwenzi? Nsaba Katonda Akiteeke wala kino! Kino olowooza tekikontana n'ekyaayogerwa mu Kitabo (Ekyamateeka 23:2):

“Omwamoni oba Omumowaabu tayingiranga mu kku**nn**aaniro

lya Mukama; okutuusa ku mirembe ekkumi tewabangawo ku bantu baabwe abayingira mu kku**ŋ**aaniro lya Mukama ennaku zonna.”

Okuwaayirizibwa okulala ojjakkusanga ku Ammoni omwana wa Dawudi nti yakabasanya mwannyina gw’agatta naye Maama ne Taata ayitibwa Tamar. Bikkula (2 Samwiri 13:14):

“Naye n’atakkiriza kuwulira ddoobozi lye: naye kubanga (Ammoni) yamusinga amaanyi n’amukwata n’asula naye (Tamar).”

Okukabasanya okulala ku ludda olulala kukyagenda mu maaso, okwo okwakolebwa Abusaalomu, soma (2 Samwiri 16:22):

“Awo ne bamutimbira Abusaalomu eweema waggulu ku nnyumba; Abusaalomu n’ayingira eri abazaana ba kitaawe mu maaso ga Isiraeri yenna.”Sikkiriza nti kino kisoboka okukolebwa muni eno!

Baibuli eyogera ku kyoonoono ekirala, ekyakolebwa Yuda ku muka mwana we Tamar, bikkula (Olubereberye 38:15-18):

“Yuda bwe yamulaba, n’alooza nga mwenzi; kubanga yali yeebisse mu maaso.”

“N’akyamira gy’ali okuva mu kkubo n’ayogera nti Kale nno, nkwegayiridde, nnyingire gy’oli: kubanga teyamanya nga ye muka mwana we. N’ayogera nti Onompa ki bw’onooyingira gye ndi?

“N’ayogera nti Ndikuweereza omwana gw’embuzi ogw’omu kisibo. N’ayogera ati Onompa omusingo, okutuusa lw’oliguweereza?

“N’ayogera nti Musingo ki gwe nnaakuwa? N’ayogera nti akabonero ko n’akajegere ko, n’omuggo gwo oguli mu mukono gwo. N’abimuwa, n’ayingira gy’ali, naye n’aba olubuto olulwe.”

Waddenga Abayudaaya n'Abasiraamu tebakwaatagana munzikiriza zabwe, tewali Musiraamu yenna asobola ku wandiika kitabo n'amuteekako Nabbi oba Omutume yenna owa Isiraeri nga Yuda, Dawudi, Yesu n'abalala, ebyonoono eby'okukabasanya, obwenzi, okwegatta n'abengganda n'ebiringa ebyo; kubanga Bannabbi n'Abatume ba Katonda tebakola byonoono.

Abatume bonna Katonda Omutonzi owa waggulu Yabatuma okujja okulunggama abantu bonna, okubajja mu bugyeemu bakole emirimu Katonda gy'asiima era gy'ayagala. Ekibuuzo kyange: Olowooza Katonda Yatuma Abatume ababi balunggama abantu?

K. Ekya si kirowooza bwentyo, ky'ogamba Baibuli togikkiriza?

M. Ffe tukkiriza Ebiwandiiko ebitukuvu byonna ebiri kunsibuko yabyo nga bwe byassibwa okuva eri Katonda. Katonda Yatuma Abatume (Bannabbi) mu buli Ggwanga nga bakoowoola abantu okudda eri Obulungamu, era abamu nga balina ebitabo ebitukuvu nga birunggama abantu babwe. Suhufu nga kitabo kya Ibulaamu, Tawurati (kitundu kundagaano Enkadde), ekya Musa, Zaburi (Psalms) ekya Dawudi, Injil Ekya Yesu. Tewali kitabo nakimu mu bino byonna ky'asigala kunsibuko yakyo, Katonda Yakomekkereza n'Omutume Muhammadi Oyo eyaggalawo okutumwa kw'Abatume bonna okuva Gy'ali, ng'Amutuma n'Ekitabo Qur'ani okulunggama Ebitonde Muni yonna, obudde bwona.

Yesu yennyini yagamba nti yatumwa eri abantu ba Isiraeri, wabula si muni yonna. Soma (Matayo 15:24):

“Naye n'addamu n'agamba nti Saatumbwa wabula eri endiga ezaabula ez'omu nnyumba ya Isiraeri.”

(Ne Matayo 1:21) egamba:

“Naye alizaala omwana wa bulenzi; naawe olimutuuma erinnya lye Yesu; kubanga ye ye alirokola abantu be mu bibi byabwe.” Era Yesu yagamba ye teyajja ku kyuusa byayita, wabula kutuukiriza, bikkula (Matayo 5:17-1):

“Temulowoozanga nti najja okudibya amateeka oba ebya bannabbi: sajja kudibya, wabula okutuukiriza”.

“Kubanga mbagamba mazima nti Eggulu n’ensi okutuusa lwe biriggwaawo, ennukuta emu newankudde akatonnyeze akamu ak’omu Mateeka tekaliggwaawo, Okutuusa byonna lwe birimala okutuukirira.”

K. Naye mu (Makko 16:15) egamba:

“N’abagamba nti Mugende mu nsi zonna, mubuulire enjiri eri ebitonde byonna.”

M. Kino kikontana n’olunyiriri lwa (Matayo 15:24) n’olwa (Matayo 1:21) zennokoddeyo waggulu. Ekyokubiri Makko 16:9 mpaka 20 zajibwaamu mu Baibuli esukka mw’emu. Baibuli eya The New American Standard Bible oludda luno yalujjama n’ewandiika ebiganbo bino mu bukomera() (Ebyawandiikibwa eby’asooka ebimu ennyiriri okuva ku 9 okutuusa ku 20 tezaalimu). Ate Ekitabo ekiyitibwa The New World Translation of the Holy Scriptures ekitabo ekikozesebwa Ababuulizi ba Jehova, ky’akakasa nti Ebitabo ebyawandiikibwa ebimu ebiseera eby’edda by’annyonnyola okunyonnyola okugazi oba okumpi oluvannyuma lw’olunyiriri lwa Makko 16:9, naye ate ebimu byajjama olunyiriri luno.

Ate Baibuli eyitibwa The Revised Standard Version yayogera ku nsonga eno n’egamaba: “Ebyawandiikibwa ebisinga obungi ebyasooka, by’aleeta ekitabo kya Makko n’ebikomekkereza n’olunyiriri

olw'omunaana (8)". Kino kitegeeza Ekitabo Makko okuleeta ekyafaayo ky'okuzuukira ku lunaku lw'enkomerero kiba tekyesigamibwaako nga si kituufu.

K. Naye Yesu mu (Matayo 28:19) yagamba: "Kale mugende, mufuule amawanga gonna abayigirizwa, nga mubabatiza okuyingira mu linnya lya Kitaffe n'Omwana n'Omwoyo Omutukuvu"

M. "Amawanga gonna" kirina okunnyonnyolwa nga kitegeeza Ebika kumi na bibiri (12) ebya Isiraeri wabula si nsi yonna, okujjako nga onggamba olunyiriri luno lukontana n'olwa Matayo 15:24. Baibuli eya The New American Standard Bible ne The New World Translation of the Holy Scriptures byawandiika bwebiti: "All the nation" (Amawanga agamanyikiddwa) Ekkumi na biri (12) aga Isiraeri, wabula si "All nation" nti (Amawanga gonna). Muganda wange olowooza ki kati ku kitabo kino Baibuli?

K. Obukkiriza bwange mu kyo butandise okuyuugayuuga

M. Nze nsuubira oja kukkiriza Obusiraamu ebbanga lye tunaamala nga twogera ku bitwaawula.

Enzikiriza Ey'obusatu (Katonda Kitaffe, Katonda Omwana, N'omwoyo Omutukuvu).

M. Okkiriza Enzikiriza Ey'Obusatu?

K. Iyye ngikkirizaamu; yawandiikibwa mu Baibuli Matayo 28:19 "Kale mugende, mufuule amawanga gonna abayigirizwa, nga mubabatiza okuyingira mu linnya lya Kitaffe n'Omwana n'Omwoyo Omutukuvu" Olunyiriri luno mweruli mu Baibuli zonna.

M. Bw'ogamba nti: Abantu basatu batudde oba balya bonna, kiba

kitegeeza nti bonna bakoze Omuntu Omu? Nedda.

Mazima Enzikiriza eno nti Katonda ALI ku basatu yatandikibwa Omuntu ayitibwa Athanasius muni Egypt, ng'asibuka mukibuga Alexandria, Enzikiriza eno yakakasibwa ekibiina ky'abantu okuva e Nicaea, omwaka gwa 325 AD (Nga wayiseewo ebyaasa bisatu okuva kukufa kwa Yesu, nga yava dda muni eno. Tewali kubuusabuusa abantu abakkiriza mu by'obuwanga gamba nga Abasamize, beebateekawo Enzikiriza ey'obusatu okuba mu Katonda Omu. Olunaku lw'omukaaga olwaali olw'okuwummula, lwakuyusibwa ne ludda ku Sande (Sun-day, olunaku lwa Katonda Njuba). Ne Desemba 25, olunaku Katonda wabwe Omwana "Mithra" lwe yazaalibwa, Ennaku z'omwezi 25 Desemba nerufuulibwa okuba Krisimansi nga bajaguza amazaalibwa ga Yesu, ne bazuulawo ku lunaku olwo enkola ey'okutimba emiti n'ebimuli, ng'ate kikontana n'obubaka bwa (Yeremiya 10:2-5):

"Bw'ati bw'ayogera Mukama nti Temuyiganga kkubo lya mawanga, so temweraliikiriranga bubonero bwa mu ggulu; kubanga amawanga gabweraliikirira. Kubanga empisa ez'amawanga teziriiko kye zigasa: kubanga wabaawo omu atema omuti mu kibira, omulimu ogw'emikono gy'omukozi n'embazzi. Baguyonja ne ffeeza ne zaabu; bagukomerera n'eninga n'ennyondo gulemenga okusagaasagana. Bifaanana olukoma oluliko enjola so tebyogera: tebirema kusitulibwa kubanga tebiyinza kutambula. Temubityanga; kubanga tebiyinza kukola bubi so n'okukola obulungi tekuli mu byo."

Olw'okuba Abakristaayo baali baava ku njiri entuufu n'omusingi ogw'amazima Yesu gwe yajja nagwo, Katonda N'atuma Omutume Muhammadi, azze obujja Enjigiriza Entuufu n'omusingi omutuufu ogwa Yesu n'Abatume bonna abakulembera. Era alongoose ebikyaamu

byonna ebyaali bikolebwa abantu oluvannyuma lw'okuvaawo kwa Yesu: Omuli okulya ennyama y'embizzi, okujjawo okutayiribwa oba okukomolebwa nga Pawulo bwe yakoooola mu (Abaggalatiya 5:2):

“Laba, nze Pawulo mbagamba nti bwe munaakomolebwanga, Kristo talibaako ky'alibagasa.” Ekirala Kalenda yakakasibwa n'Abaromi ng'Omukristaayo gy'atambulirako.

Katonda yeewaza Abakristaayo okugamba nti Katonda Ali Omu mu basatu mu Suula 5:73 nti:

﴿لَقَدْ كَفَرَ الَّذِينَ قَالُوا إِنَّ اللَّهَ ثَالِثُ ثَلَاثَةٍ وَمَا مِنْ إِلَهٍ إِلَّا إِلَهُ وَاحِدٌ وَإِنْ لَمْ يَنْتَهُوا عَمَّا يَقُولُونَ لَيَمَسَّنَّ الَّذِينَ كَفَرُوا مِنْهُمْ عَذَابٌ أَلِيمٌ﴾ [سُورَةُ الْمَائِدَةِ].

“Mazima baawakanya (Katonda) abo abagamba nti: Mazima Katonda wa kusatu ku basatu, sso nga tewali kisinzibwa mu butuufu okujjako Oyo Omusinzibwa Omu yekka (Omutonzi). Bwe banaaba nga tebeekomyeko kw'ebyo bye bagamba bijja kukwatira ddala abo abawakanya Katonda mu bo ebibonerezo ebiruma.” Era okyakkiririza mu nsonga eno nti Katonda wa kusatu ku basatu nti Yesu yagisomesa?

K. Naye Katonda ne Yesu ky'ekimu (Yokaana 14:11): “Munzikirize nga nze ndi mu Kitange, ne Kitange mu nze..”

M. Kati Soma (Yokaana 17:21).

K. “Bonna babeerenga bumu; nga ggwe, Kitange, bw'oli mu nze, nange mu ggwe, era nabo babeerenga mu ffe: ensi ekkirize nga ggwe wantuma.”

M. Wano kirabise bulungi Katonda ne Yesu ky'ekimu, n'abayizi nabo

ky'ekimu munda mu Yesu ne Katonda. Bwe kiba nga Yesu ye Katonda olw'okuba ali munda mu Katonda, Lwaaki nabo abayizi be nabo tebaba ba katonda, kubanga nabo bali ky'ekimu ne Yesu, oyo ali munda mu katonda? Bwaba nga katonda Yesu n'omwoyo omutuukirivu bakola ekintu kimu ku basatu, awo kitegeeza n'abayigirizaabe bwe tubagattako, bakola bonna wamu Katonda ali mu kumi na bataano.

K. Naye Yesu ye Katonda okusenziira ku (Yokaana 14:9): "... Alabye ku nze, ng'alabye ku kitange.."

M. Wetegereze ekiri oluberyeberye n'oluvannyuma lwa Yokaana 14:8 "Firipo n'amugamba nti Mukama waffe, tulage Kitaffe, kale kinaatumala. Yesu n'amugamba nti Kasookedde mbeera nammwe, ebiro ebingi bwe bityo, era tontegeeranga, Firipo? Alabye ku nze, ng'alabye ku kitange; kiki ekikwogeza ggwe nti Tulage kitaffe?"

Mu kumaliriza Yesu y'abuuza Firipo butya bw'ayinza okumulaga Katonda eri abayizi be, ekintu ekitasoboka. Osaanidde Katonda okumukkiriza n'okukakasa nti Gy'ali ng'okozesa okufumiitiriza ku bitonde Bye bye Yatonda, okugeza nga: Enjuba, Omwezi, n'Ebitonde ebirala, ne Yesu eyatondebwa Katonda owa waggulu. Mazima ye yagamba (Yokaana 4:24) "...Katonda gwe Mwoyo..." ne (Yokaana 5:37) "...Temwawulira ddooboozi lye n'akatono, newakubadde okulaba ekifaananyi kye". Kisoboka kitya okulaba Omwoyo? Kyebaalaba yali Yesu wabula si Katonda. Ne Pawulo yennyini yagamba (1 Timoseewo 6:16):

"alina obutafa yekka, atuula mu kutangaala okutasemberekeka; omuntu yenna gw'atalabangako, so siwali ayinza okumulaba: aweebwenga ekitiibwa n'obuyinza obutaggwaawo. Amiina." N'olwekyo ekirabibwa ssi Katonda.

Ekitabo Qur'ani kigamba mu suula (6:103):

﴿لَا تُدْرِكُهُ الْأَبْصَارُ وَهُوَ يُدْرِكُ الْأَبْصَارَ وَهُوَ اللَّطِيفُ الْخَبِيرُ﴾
[سُورَةُ الْأَنْعَامِ]

“Amaaso tegayinza ku kumulaba, ate nga Ye Abalaba. Naye Mukwatampola, Omumanyi w’ebyama.”

K. Okukubuulira amazima, kizibu nnyo okwesamba ekyo kye tw’asomesebwa okuviira ddala mu buto bwaffe.

M. Tomanya Ebibuuzo bino, biyinza okubeerako ne kye bikuwa mu okutegeera esonga ey’okuba nti Katonda wa kusatu ku basatu. Omwoyo Omutuukirivu kyeki?

K. Omwoyo Omutuukirivu ye Katonda. Tusomesebwa bulijjo nti kitaffe ye Katonda, omwana naye Katonda, ne Mwoyo mutuukirivu naye Katonda. Tetugamba nti ba katonda bali basatu, wabula Katonda Ali Omu.

M. Soma (Matayo 1:18).

K. “N’okuzaalibwa kwa Yesu Kristo kwali bwe kuti. Malyamu nnyina bwe yali ng’akyayogerezebwa Yusufu, baali nga tebannaba kufumbiriganwa, n’alabika ng’ali lubuto olw’Omwoyo Omutukuvu.”

M. Kati wetegereze olunyiriri olwo n’olwa (Lukka 1:26 ne 27).

K. “Awo mu mwezi ogw’omukaaga malayika Gabulyeri n’atumibwa Katonda mu kibuga eky’e Ggaliraaya erinnya lyakyo Nazaaleesi. Eri omuwala atamanyi musajja eyali ayogerezebwa omusajja erinnya lye Yusufu ow’omu nnyumba ya Dawudi; n’erinnya ly’omuwala Malyamu.”

M. N’olwekyo Okuzaalibwa kwa Yesu okw’amagero, Matayo agambye

Omwoyo Omutuukirivu, ate lukka agambye Gabulyeri. Kakati Omwoyo Omutuukirivu yaani?

K. Awo Omwoyo Omutuukirivu ye Malayika Gabulyeri.

M. Awo muganda wange okyakkiriza mu Katonda ow'okusatu ku basatu?

K. Kakati ky'ogamba Katonda ye Katonda Omu kitegeerekese bulungi, era Omwoyo Omutuukirivu (spirit) oba (Ghost) ye Malayika Gabulyeri, awo Yesu naaba ani ...?

M. Kankuyambeko awo, Yesu Mutume (Nabbi) era ye mwaana wa Mariyamu.

K. Oyinza ku gaziya otya ekyo ekyama ekitukuvu ekigumu?

M. Okwanukula kuli mu kitabo Qur'ani, Ekyo Ekikozesebwa okulongoosa n'okugolola ebyo abantu bye baakyaama mu bitabo ebyakulemba. Bw'oba nga kati okkiriza Katonda Oyo Omu Asinzibwa mu Mazima, era nti Yesu Mutume eya tumibwa eri abaana ba Isiraeri era ye mwaana wa Mariyamu, lwaki tokkiriza eddaala eddala n'okkiriza Nabbi Muhammadi ng'Omutume Ow'omulembe guno era nga yeyasembayo?

Kyangu nnyo. Yogera bwogezi Shahada, mu luzungu okusooka, nga ojulira nti tewali kisinziwa mu butuufu okujjako Katonda Omu Omutonzi owa waggulu, era nti Nabbi Muhammadi Mubaka we. Awo omale obyogere mu luwalabu, nze ndi mweteeefuteefu okukuyambako.

K. Nkakasa mu mutima gwange nti tewali kisinziwa mu butuufu okujjako Katonda Omu, era nenkakasa nti Muhammadi Mubaka wa Katonda. Ash-hadu an-la ilaaha illa Allah wa sh-hadu anna Muhammada Rasuuli Allah.

Naye ate nkyaawa ekitiibwa bazadde bange ne bajjajja, bonna abaliwo n'abaafa? Nandiyagadde nsigale nabo; bonna Bakristaayo.

M. Omutume Ibulaamu (Ibrahiimu) yalekawo abazadde be ne bajjajjaabe kasita amazima gaamussibwaako ag'eddiini entuufu ey'obusiraamu. Buli omu avunaanyizibwa ku lulwe mu kutegeera amazima amatuufu, kisoboka okuba ng'amazima tegaabatuukako mu bweyolefu nga bwe gakuuuseeko gwe mu kaseera kano. Ekitabon Qur'ani kitugamba mu suula 17:15

﴿مَنْ اهْتَدَىٰ فَإِنَّمَا يَهْتَدِي لِنَفْسِهِ ۗ وَمَنْ ضَلَّ فَإِنَّمَا يَضِلُّ عَلَيْهَا ۗ وَلَا تَزِرُ وَازِرَةٌ وِزْرَ أُخْرَىٰ ۗ وَمَا كُنَّا مُعَذِّبِينَ حَتَّىٰ نَبْعَثَ رَسُولًا﴾ (سُورَةُ الْاِسْرَاءِ).

“Oyo yenna alunngama, mazima aba alunngamye ku lulwe, n'abula, aba abuze ku lwa mwoyo gwe. Era tegugenda kwetikka omwoyo ogwoyo omwonoonyi kibi (kya mwoyo) mulala. Era Tetwali ba kubonereza (bantu) okutuusa lwe Twabatubatumiranga omubaka (abamanyise ebirungi n'ebibi. Kale bwe baabiwakanyanga olwo ne Tubazikiriza). N'olwekyo amazima gakuuuseeko mu bweyolefu.

K. Nze abuuza, tekisoboka kukkiriza Ddiini zombiriri Obukristaayo n'obusiraamu?

M. Tewali akkirizibwa kuwaliriza muntu lwa mpaka ku muyingiza mu ddiini. Naye bw'ogattika enzikiriza bbiri, awo oba tonnaba kwewaayo n'omwoyo eri Katonda. Oba tonnaba kuba mukkiriza, Yagamba Katonda mu suula 4:150-152

﴿إِنَّ الَّذِينَ يَكْفُرُونَ بِاللَّهِ وَرُسُلِهِ وَيُرِيدُونَ أَنْ يُفَرِّقُوا بَيْنَ اللَّهِ وَرُسُلِهِ وَيَقُولُونَ نُؤْمِنُ بِبَعْضٍ وَنَكْفُرُ بِبَعْضٍ وَيُرِيدُونَ أَنْ

يَتَّخِذُوا بَيْنَ ذَلِكَ سَبِيلًا. أُولَئِكَ هُمُ الْكَافِرُونَ حَقًّا وَأَعْتَدْنَا
 لِلْكَافِرِينَ عَذَابًا مُهِينًا. وَالَّذِينَ آمَنُوا بِاللَّهِ وَرُسُلِهِ وَلَمْ يُفَرِّقُوا بَيْنَ
 أَحَدٍ مِنْهُمْ أُولَئِكَ سَوْفَ يُؤْتِيهِمْ أَجْرَهُمُ ط وَكَانَ اللَّهُ غَفُورًا رَحِيمًا
 ﴿١٥٢﴾ [سُورَةُ النَّسَاءِ].

“Mazima abo abawakanya Katonda n’Ababaka Be (Abatume), ne baagala baawule wakati wa Katonda n’Ababaka Be, ne bagamba nti: Tukkirizaako abamu ne tuwakanya abalala, ne baagala okuteekawo ekkubo wakati w’ebyo byombiriri (obutakkiriza n’obukkiriza); Abo bo be abatakkiriza mu mazima; Era Twateekerateekera abatakkiriza ebibonyobonyo ebinyoomesa. N’abo abakkiriza Katonda n’ababaka Be ne batayawula wakati w’omu mu bo, abo kyaddaaki (Katonda) Alibawa empeera yaabwe; era Katonda Ye Musonyiyi, Omusaasizi ennyo.”

Nsubira tujja ku kkaanya ku bintu bingi bwe tunaaba fenna nga twogera.

K. Kinkakatako okukuba ekirayiro oba Shahada ng’ate sinnaba kuyiga bintu bingi mu ddiini?

M. Ky’olina okumanya akaseera omuntu w’atuukira mu myaka egy’obukulu, awo oba osobola okusalawo n’oyatula shahada oba nedda. Katonda teya tonda Nsi eno awatali nsonga. Yatuwa ebiyungo ku mubiri n’amagezi okwawula ekibi n’ekirungi. Yatuma Bannabi bonna nga Batiisa, twa tondebwa tujje kuni kuno tusinze Katonda Yekka owa Amazima, era tuvuganye mu kukola emirimu emirungi kuni eno. E suula 3:191 etugamba mu Qur’ani:

﴿ رَبَّنَا مَا خَلَقْتَ هَذَا بَاطِلًا سُبْحَانَكَ فَقِنَا... ﴾ [سُورَةُ آلِ

عَمْرَانَ].

“...Mukama waffe! Tawatonda bino nga tolina kigendererwa. Oyawulwa Ggwe! Tukungirize ebibonyobonyo”

Era e suula 90:8-10 egamba bweti:

﴿أَلَمْ نَجْعَلْ لَهُ عَيْنَيْنِ وَلِسَانًا وَشَفَتَيْنِ ﴿٨﴾ وَهَدَيْنَاهُ النَّجْدَيْنِ ﴿٩﴾﴾
[سُورَةُ الْبَلَدِ].

“Tetwamuwa amaaso abiri (g’alabisa)?. N’olulimi n’emimwa ebiri, Ne tumulaga amakubo abiri (asobole okumanya ekibi n’ekirungi)?

Ate e suula 51:56 Katonda Yagamba:

﴿وَمَا خَلَقْتُ الْجِنَّ وَالْإِنْسَ إِلَّا لِيَعْبُدُونِ ﴿٥٦﴾﴾ [سُورَةُ الدَّارِيَّاتِ].

“Saatonda Majinni n’abantu (ku nkolera kirala kyonna) Okugyako ku lwa kunsinza Nzekka (ate nga n’omugaso gw’okunsinza okwo gudda gye bali).

E Suula 18:7 Katonda Yagamba:

﴿إِنَّا جَعَلْنَا مَا عَلَى الْأَرْضِ زِينَةً لَهَا لِيَتَّبِلُوهُمْ أَيُّهُمْ أَحْسَنُ عَمَلًا ﴿٨﴾﴾ [سُورَةُ الْكَافِرِينَ].

“Mazima Ffe Twafuula ebyo ebiri ku nsi ebinyiriza byayo Tulyoke Tubagezese (okulaba) ani mu bo asinza omulimu omulungi (n’okweyisa obulungi).”

Obwa Katonda bwa Yesu

M. Simanyi okyakkiriza nti Yesu Katonda?

K. Iyye, okusenziira ku (Yokaana 1:1), “Ku luberyeberye waaliwo Kigambo, Kigambo n’aba awali Katonda, Kigambo n’aba Katonda.”

M. Ekisinga obulungi twakkiriziganyizza dda nti Ekitabo Ekitukuvu kyonna tekirina kubaamu bigambo bikoonaagana. Bwe tukisangamu Ennyiriri ne bwe ziba bbiri, emu kuzo y’eyina okuba entuufu; zonna tezisobola kuba Ntuufu wadde okuba Enkyamu. Okusenziira ku Yokaana (1:1) Yesu Katonda. Kati awo bakatonda ban’aba bameka? Ekitono ennyo baba babiri. Kino kikontana n’ennyiriri eziwerako mu Kitabo Baibuli. Bw’osoma Ekyamateeka 4:39

“Kale manya leero, era okisse ku mwoyo, nga Mukama ye Katonda mu ggulu waggulu ne mu nsi wansi: tewali mulala.”

(Ekyamateeka 6:4):

“Wulira, ggwe Isiraeri: Mukama Katonda waffe ye Mukama omu”

(Isaaya 43:10:11):

“...Mulyoke mumanye munzikirize mutegeere nga nze nzuuyo; tewali Katonda eyabumbibwa okusooka nze, so tewaliba alinziririra.”

(Isaaya 44:6):

“Bw’atyo bw’ayogera Mukama ... Nze ndi wa luberyeberye era nze ndi wa nkomerero; so tewali Katonda wabula nze.”

(Isaaya 45:18):

“Kubanga bw’atyo bw’ayogera Mukama eyatonda eggulu; ye Katonda; eyabumba ensi n’agikola; ye yaginyweza, yagitonda obutaba ddungu, yagibumba okutuulwamu; nti Nze Mukama; so tewali mulala.”

Bwe twetegereza (Isaaya 45:18), ne bwe tuba tetugasseeko kirala kyonna, tumaliriza tugamba nti Katonda Ali Omu Oyo Omutonzi wabuli kintu kyonna, tewali mulala, ne bw’aba Yesu teyeetabangako mu kutonda ekintu kyonna.

Era bw’ogenda mu maaso n’osoma Ekyamateeka 4:35, Okuva 8:10, 2 Samwiri 7:22, 1 Bassekabaka 8:23, Ebyomumirembe 17:20, Zabuli 86:8, 89:6 ne 113:4, sembyaayo Zekkaliya 14:9

K. Naye bino byonna biri Mundagaano Enkadde, Osobola okunnokolerayo ku mulamwa guno Ennyiriri Mundagaano Empya

M. Bulungi nnyo, soma Makko12:29 olabe Yesu yennyini kyeyagamba: “Yesu n’addamu nti (Etteeka) Ery’olubereberye lye lino nti Wulira Isiraeri; Mukama Katonda waffe, Mukama ye omu”

(1 Abakolinso8:4) “...Tumanyi ng’ekifaananyi si kintu mu nsi, era nga tewali Katonda omulala wabula omu.”

(1 Timoseewo 2:5): “Kubanga waliwo Katonda omu, era omutabaganya wa Katonda n’abantu omu, omuntu Kristo Yesu” Kakati awo osobola okutugamba nti Yokaana (1:1) ntuufu ate Ennyiriri ezisigadde si ntuufu, oba ekyennyume ky’ekyo.

K. Kizibu nnyo okulamula ku nnyiriri ezo!

M. Ensonga eno tujja jjipimira ku Qur’ani, mu mbeera nti tujja kusangamu ebigambo ebituufu ebyo Yesu bye Yayogera mu Baibuli. Yesu yayogerwa mu Qur’ani emirundi egiwerako nga Ekigambo kya Katonda. Mu suula 3:39 Katonda Yagamba:

فَنَادَتْهُ الْمَلَائِكَةُ وَهُوَ قَائِمٌ يُصَلِّي فِي الْمِحْرَابِ أَنَّ اللَّهَ يُبَشِّرُكَ بِيَحْيَىٰ مُصَدِّقًا لِّمَا
[بِكَلِمَةٍ مِنَ اللَّهِ وَسَيِّدًا وَحَصُورًا وَنَبِيًّا مِنَ الصَّالِحِينَ ٣٩] ﴿سُورَةُ آلِ عِمْرَانَ﴾

“Malayika n’amukoowoola (zekkaliya) bwe yali ayimiridde nga asabira mu ssinzizo (n’amugamba nti): Mazima Katonda Akusanyusa nga Akutegeeza (nga bw’onoofuna omwana ayitibwa) Yahaya, ng’akakasa amazima g’Ekigambo ekiva eri Katonda, era ow’ekitiibwa era eyeekuuma, era Nabbi abalibwa mu balongoofu.” Mu suula y’emu 3, olunyiriri olwo 45, Katonda Y’agamba:

﴿٤٥﴾ إِذْ قَالَتِ الْمَلَائِكَةُ يَا مَرْيَمُ إِنَّ اللَّهَ يُبَشِّرُكَ بِكَلِمَةٍ مِنْهُ اسْمُهُ الْمَسِيحُ عِيسَى ابْنُ مَرْيَمَ وَجِيهًا فِي الدُّنْيَا وَالْآخِرَةِ وَمِنَ الْمُقَرَّبِينَ ﴿سُورَةُ آلِ عِمْرَانَ﴾.

“Jjukira mu kiseera Malayika bwe yagamba nti: Owange Mariyamu! Mazima Katonda Akusanyusa nga Akutegeeza Ekigambo okuva gy’Ali (eky’okuzaala omwana), erinnya lye ye Al-Masiiha Issa, mutabani wa Mariyamu. (Ajja kuba) wa kitiibwa mu nsi era ne ku Nkomerero era ajja kuba wa mw’abo abasembezebwa okumpi ne Katonda.”

N’olwekyo Ennyiriri zino Ebbiri okuva mu Kitabo Qur’ani, Yesu ayitibwa “Ekigambo okuva ewa Katonda”, amakulu kigambo ekyaaava ewa Katonda oba ekiri mu buyinza bwa Katonda; kubanga bwe Yali Amutonda Yakozesa kigambo “Ba” Naaba Omuntu. Ennyiriri zino zikkaanya ky’ekimu oba amakulu gaazo geegamu n’agali mu Baibuli 1 Abakkolinso 3:23

“Nammwe muli ba Kristo; ne Kristo wa Katonda.”

(Yokoona 1:1), olunyiriri luno lwaali lulina kuwandiikibwa bweluti “... N’ekigambo ky’ali kya Katonda”. Ekirala kisoboka okuba ng’ensobi eva ku nzivuunula n’okunyonnyolwa kw’olulimi olwa kozesebwa

okuva mu lulimi olw'ekiruumi (Aramaic) okudda mu luyonaani (Greek), mu bugenderevu oba mu butali bugenderevu.

Mu lulimi oluyonaani ekigambo “theou” kitegeeza okuva ewa Katonda, ate “theos” Katonda, (Okukakasa kino tunula mu Dictionary y'oluyonaani yonna). Eno Ennyukuta emu yokka yeeya viirako bino byonna.

K. Naye lwaki Yesu ayitibwa ekigambo kya Katonda mu Bitabo byombiriri?

M. Jjukira bulungi nti Okutondebwa kwa Yesu okuva mu lubuto lwa Mariyamu te kwe tabaamu mazzi g'akisajja agazaala, wabula kyaali kiragiro okuva ewa Katonda nti “Beera” n'ekiba kye Yayagala Katonda; Olw'obuyinza n'obusobozi bwe obwa waggulu Bw'alina Katonda Omugulumivu, era kino ky'ayogerwaako mu Qur'ani e Suula (3:47):

﴿قَالَتْ رَبُّ أُنَىٰ يَكُونُ لِي وَلَمْ يَمْسَسْنِي بَشَرٌ قَالَ كَذَلِكَ اللَّهُ يَخْلُقُ مَا يَشَاءُ إِذَا قَضَىٰ أَمْرًا فَإِنَّمَا يَقُولُ لَهُ كُن فَيَكُونُ ﴿٤٧﴾﴾
[سُورَةُ آلِ عِمْرَانَ].

“N'agamba (Mariyamu): Mukama wange! Ngeri ki bwe naafuna omwana nga sinnaba kukwatwako musajja yenna? Bwe kityo (Bwe kinaaba). Katonda Atonda nga bw'ayagala. Bw'aba nga Amaze ekigambo (entegeka), ddala mazima Akigamba nti: Ba, ne kiba (nga bw'akyagadde).”

K. Ekigambo kyange ki kyasigadde nti Yesu Katonda; kubanga y'ajjuzibwa Omwoyo Omutukuvu.

M. Gyeebali abantu abalala abalina Omwoyo Omutukuvu, abaffe, tugambe nti nabo ba katonda? Soma Ebikolwa 11:24:

“Kubanga (Barunaba) yali muntu mulungi, n’ajjula Omwoyo Omutukuvu n’okukkiriza. Ekibiina kinene ne kireetebwa eri Mukama waffe.” Ne (Ebikolwa 5:32):

“Naffe ffe bajulirwa b’ebigambo ebyo, era n’Omwoyo Omutukuvu, Katonda gwe yawa abamugondera.” Era njakkusaba osome n’ennyiriri zino; (Ebikolwa 6:5), (Petero 1:21), (Timoseewo 1:14), (1 Abakkolinso 2:16, (Lukka 1:41).

K. Jjukira bulungi nti ye Yesu Omwoyo Omutukuvu yagufunira mu lubuto lwa Maama we.

M. Ekyo ky’ekimu kye yali Yokaana Omubatiza, (Lukka 1:13, 15):

“Naye malayika n’amugamba nti Totya, Zaakaliya; kubanga okwegayirira kwo kuwuliddwa, mukazi wo Erisabesi alikuzaalira omwana ow’obulenzi, olimutuuma erinnya Yokaana. Kubanga aliba mukulu mu maaso ga Mukama, so talinywa mwenge newakubadde ekitamiiza; era alijjuzibwa Omwoyo Omutukuvu, okuva mu lubuto lwa nnyina.”

K. Naye Yesu Yakolanga eby’amagero. Yaliisa abantu lukumi n’emigaati etaano n’ebyennyanya bibiri.

M. Ekyo ky’oyogerako Erisa ne Eliya b’abikola. Elisha yaliisa abantu kikumi toosi z’emigaati kkumi, (2 Bassekabaka 4:44)

“Awo n’agiteeka mu maaso gaabwe, ne balya ne balemwa ng’ekigambo kya Mukama bwe kyali.” Eriya yayingiwaza amafuta ga mulekwa (2 Bassekabaka 4:7):

“...Genda otunde amafuta osasule ebbanja lyo, ebinaafikkawo bikuliisenga ggwe ne batabani bo”

Era tunula mu (1 Bassekabaka 17:16):

“Eppipa ey’obutta teyakendeera so n’akasumbi k’amafuta tekaggwaawo ng’ekigambo kya Mukama bwe kyali kye yayogerera mu Eriya.” Era soma (1 Bassekabaka 17:6):

“Awo bannamu**ŋŋ**oona ne bamuleeteranga (Eriya) emmere n’ennyama enkya, n’emmere n’ennyama akawungeezi; n’anywanga mu kagga.”

K. Ate Yesu Yawonyanga abalwadde.

M. Erisa ekyo yakikola, yagamba omulwadde akke mu mugga Yoludaani yeeyiweko amazzi, (2 Bassekabaka 5:14):

“Awo n’aserengeta ne yennyika mu Yoludaani emirundi musanvu ng’ekigambo bwe kyali eky’omusajja wa Katonda: omubiri gwe ne gudda nate ng’omubiri gw’omwana omuto, n’aba mulongoofu”

K. Jjukira Yesu Yawonya Muzibe w’amaaso naddamu n’alaba bulungi.

M. Erisa era n’ekyo yakikola: (2 Bassekabaka 6:17):

“Erisa n’asaba n’ayogera nti Mukama wange, nkwegayiridde, omuzibule amaaso ge alabe. Awo Mukama n’azibula amaaso g’omulenzi; n’alaba...” ne (2 Bassekabaka 6:20)

“Awo alwatuuka bwe baatuuka mu Samaliya, Erisa n’ayogera nti Mukama wange, zibula amaaso g’abantu bano balabe. Awo Mukama n’azibula amaaso gaabwe ne balaba; kale laba, nga bah mu Samaliya wakati” Ekirala Erisa ayogerwaako nti yaziba abantu amaaso nga tebalaba, (2 Bassekabaka 6:18)

“Awo bwe baaserengeta gy’ali Erisa n’asaba Mukama n’ayogera nti

Nkwegayiridde, ziba amaaso g'abantu bano. N'aziba amaaso gaabwe ng'ekigambo kya Erisa bwe kyali.”

K. Yesu yali azuukiza abafu ne balamuka.

M. Geraageranya ekyo n'ekya Eriya ne (1 Bassekabaka 17:22):

“Mukama n'awulira eddoboosi lya Eriya; obulamu bw'omwana ne bumuddamu nate, n'alama.” Eky'amagero ng'ekyo era ky'akolebwa n'Erisa: (2 Bassekabaka 4:34)

“N'alinnya n'agalamira ku mwana n'ateeka akamwa ke ku kamwa ke n'amaaso ge ku maaso ge n'emikono gye ku mikono gye: ne yeegololera ku ye; omubiri gw'omwana ne gubuguma.” Nabwe kityo Omulambo gw'omuntu gwadda eri obulamu amagumba ga Erisa bwe ga kwaata kugwo ng'amaze okufa, (2 Bassekabaka 13:21)

“Awo olwatuuka bwe baali nga baziika omusajja, kale, laba, ne balaba ekibiina; ne basuula omusajja mu ntaana ya Erisa: awo omusajja nga kyajje akome ku magumba ga Erisa, n'alamuka n'ayimirira nebigere.”

K. Yesu yatambulira ku mazzi.

M. Musa yagolola omukono gwe ku mazzi g'ennyanja (Okuva 14:21-22):

“Musa n'agolola omukono gwe ku nnyanja... Abaana ba Isiraeri ne bayingira wakati w'ennyanja ku lukalu: amazzi ne gababeerera ekisenge ku mukono ogwa ddyo ne ku gwa kkono.”

K. Yesu yasobola okugoba amajinni ne Sitaani

M. Yesu yennyini akkiriza nti ekyo abantu abalala basobola okukikola: (Matayo 12:27) ne (Lukka 11:19)

“Oba nga nze ngoba dayimooni ku bwa Beeruzebuli, abaana bammwe bagigoba ku bw’ani? kale abo be balibasalira omusango.” Era n’Abayigirizwa ba Yesu baagoba zi Sitaani, nga bw’agamba: (Matayo 7:22):

“Bangi abali**ng**amba ku lunaku luli nti Mukama waffe, Mukama waffe, tetwalagulanga mu linnya lyo, tetwagobanga dayimooni mu linnya lyo, tetwakolanga bya magero bingi mu linnya lyo?”

Ne ba nnabbi Ab’obulimba baakola eby’amagero, nga Yesu bwe Yakisuubiza yennyini ekyo okubaawo: (Matayo 24:24):

“Kubanga walijja bakristo ab’obulimba, ne bannabbi ab’obulimba, n’abo balikola obubonero obukulu n’eby’amagero; n’okukyamya bakyamye n’abalonde, oba nga kiyinzika.”

K. Naye nze ngamba nti Eriya n’Erisa baakola eby’amagero ebyo nga basaba Mukama basobole okubikola.

M. Yesu naye yakola eby’amagero ku lwa buyinza bwa Katonda, nga bwe yakyogera yennyini mu: (Yokaana 5:30):

“Nze siyinzira kukola kintu ku bwange: nga bwe mpulira, bwe nsala: n’omusango gwe nsala gwa nsonga; kubanga sinoonya bye njagala nze, wabula eyantuma by’ayagala.” Ne (Lukka 11:20):

“Naye bwe mba ngobesa dayimooni engalo ya Katonda, kale obwakabaka bwa Katonda bubajjidde.”

Eby’amagero byonna Yesu bye yakola, era by’akolebwa n’Abatume abaayita, n’Abayigirizwa be, n’abagyemu abatali bakkiriza: (Makko 6:5-6):

“So teyayinza kukolerayo kya magero kyonna, naye yassa emikono

gye ku balwadde batono, n’abawonya. Ne yeewuunya olw’obutakkiriza bwabwe. Ne yeetooloola mu mbuga enjuyi zonna ng’ayigiriza.”

K. Yesu yazuukira olunaku olwokusatu oluvannyuma lw’okufa.

M. Nsaba twogere ku kukomererwa kwa Yesu oluvannyuma, kubanga kulina ebigambo bingi ebikwogerwako, wabuala kyennyinza okukugamba kati nti kya yogerwa pawulo, oyo mu bulamu bwe bwonna nga teyalabako ku yesu nga mulamu: (2 Timoseewo 2:8):

“Jjukira Yesu Kristo, nga yazuukira mu bafu, ow’omu zzadde lya Dawudi, ng’enjiri yange bw’eyogera”

Obujulizi obwogera ku kuzuukira kwa Yesu mu (Makko 16:9-20) bw’ajjibwamu mu Baibuli etali emu. Bwe buba mwe buli, buba bw’awandiikibwa ne buteekebwa mu bukomera nga buliko ekibwogeddwaako. Tunula mu Baibuli ya (Revised Standard Version), ne (New American Standard Bible), ne (New World Translation of the Holy Scriptures) ekikozesebwa Ababuulizi ba Jehova. Kankubuuzeeyo ekintu kimu: Yesu mu bulamu bwonna Yali yeeyiseeko Katonda, ekyokulabirako ng’agamba “wano wendi yenze Katonda era munsinze”?

K. Nedda, nayenga Katonda era Muntu

M. Ekyo alina weyakyogerera?

K. Nedda.

M. Ekituufu kye yasubiza okubaawo muni eno kyaali nti abantu bajja kumusinza awatali mugaso, era nti bajja kukkiririza mu bwa Katonda bwe obwo obw’atekebwaawo abantu, wabula si yye: (Matayo 15:9):

“Naye bansinziza bwereere, Nga bayigiriza amateeka g’abantu nga bye by’okukwata.”

Enzikiriza z’ekikristaayo eza guno omulembe z’atekebwaawo bantu: gamba nga nti Katonda wa kusatu ku basatu, Yesu okuba omwaana wa Katonda, obwa Katonda bwa Yesu, nti Yesu yakomererwa ku mu saalaba ng’afirira ebyonoono by’abantu. Naye okusinziira ku bigambo bya Yesu yennyini teyeyitako Katonda wadde okuba n’ekitendo mu bitendo bya Katonda, soma: (Yokaana 8:28)

“...So nze siriiko kye nkola ku bwange, naye nga Kitange bwe yanjigiriza, bwe njogera bwe ntyo.” Ne (Yokaana 14:28), “... Kubanga Kitange ansinga obukulu” ne (Matayo 12:29)

“Yesu n’addamu nti Ery’oluberyeberye lye lino nti Wulira Isiraeri; Mukama Katonda waffe, Mukama ye omu” ne (Makko 15:34)

“Awo mu ssaawa ey’omwenda Yesu n’akaaba n’eddoboozi ddene nti Eroi, Eroi, lama sabakusaani? okutegezebwa kwakyo nti Katonda wange, Katonda wange, kiki ekikundesezza” ne (Lukka 23:46)

“Awo Yesu n’ayogera n’eddoboozi ddene, n’agamba nti Kitange, nteeka omwoyo gwange mu mikono gyo...” ne (Makko 13:32)

“Naye eby’olunaku olwo oba ekiseera ekyo tewali amanyi, newakubadde bamalayika abali mu ggulu, newakubadde Omwana, wabula Kitange.”

Nsaba tukoze okutegeera okw’amagezi: Katonda azaalibwa atya n’omuntu eyava edda mu bulamu bwensi eno ng’omuntu omulala yenna?

Ebigambo mu kitabo (Lukka 23:46), Katonda awo yali akaabira Katonda ani? Era bwe yavaayo, Ensi yasigala ku bwaani ne Gulu? Era

bwe kiba nga bali basatu mu omu era nga bakolera wamu, kitegeeza abalala basigala nga tebasobola!!

Yesu Yeebakanga naye Katonda teyeebaka era tafuna tulo: (Zaburi 121:4), “Laba, akuuma Isiraeri Taabongootenga so teyeebakenga.” Katonda ebiseera byonna Alina amaanyi agawaggulu amajjuvu, kyajja kitya abantu okumukwaata okutuusa bwe b’amukomerera ku musaalaba nga Baibuli bwe gamba? Yesu anaaba atya Katonda ng’ate ye yasinzanga era n’asabanga Katonda nga ebitonde ebiramu ebirala bwe bimusaba: (Lukka 5:16), “Naye ye ne yeeyawula n’agenda mu malungu n’asaba.”

Ekirala Yesu yagezesebwa ne Sitaani ennaku ana (40) ng’omuntu omulala yenna bw’agezesebwa: (Lukka 4:1-13), naye mu (Yakobo 1:13) egamba bweti: “...kubanga Katonda takemeka na bubu...” kati Yesu asobola okuba atya Katonda?

K. Nange kennyini sikyaabitegeera, naye ffe tulina ku kkiriza bukkiriza awatali ku kaayana.

M. Olowooza entegeera eyo tekontana ne Baibuli, etugamba nti tulina okusengejja ensonga: (1 Abasessaloniika 5:21): “Mugezengako ku bigambo byonna; munywerezenga ddala ekirungi”

K. Mazima ensonga eno eyoogaana.

M. Naye mu: (1 Abakkolinso 14:33) egamba: “kubanga Katonda si wa kuyoogaana, naye wa mirembe; nga mu kkanisa zonna ez’abatukuvu.” Enzikiriza ez’atekebwawo abantu z’eziyooogaana.

OKUKKIRIZA NTI “YESU’ MWANA WA KATONDA

M. Abaffe, okkiririza mu Yesu nti mwana wa Katonda?

K. Iyye, soma (Matayo 3:17), akaseera Yesu bwe yabatizwa ne Yokaana “Laba, eddoboosi ne liyima mu ggulu, nga ligamba nti Oyo ye Mwana wange, gwe njagala, gwe nsanyukira ennyo.”

M. Nsubira Ekigambo “mwana” tetwaali kitutte nga ekikakafu ku yye buli omu ky’ategeera mu bwongo bwe; kubanga kyakozesebwa mu Baibuli ku Bantu abalala. Soma (Okuva 4:22)

K. “Naawe (Musa) oligamba Falaawo nti Bw’ati bw’ayogera Mukama nti Isiraeri ye mwana wange, omuberyeberye wange”

M. Wano ye Yakobo (Isiraeri) Omwana asooka. Soma kati (2 Samwiri 7:13-14) oba (1 Ebyomumirembe 22:10)

K. “Oyo ye alizimbira erinnya lyange ennyumba, era ndinyweza entebe ey’obwakabaka bwe ennaku zonna. Nze ndiba kitaawe naye aliba mwana wange...”

M. Bija ku kwewuunyisa nnyo bw’onaasoma (Yeremiya 31:9); “... kubanga ndi kitaawe eri Isiraeri, ne Efulayimu ye muberyeberye wange.” Bwe wetegereza (Okuva 4:22) kati saawa eno, Isiraeri yayitibwa Omwana we asooka. Kati awo ani mwana asooka Isiraeri oba Efulayimu? Abantu abaabulijjo nabo basobola okuba abaana ba katonda. Soma (Ekyamateeka 14:1)

K. “Mmwe muli baana ba Mukama Katonda wammwe...”

M. Era abantu abaabulijjo basobola okuba abaana abasooka aba katonda. Soma (Abaruumi 8:29).

K. “Kubanga bwe yamanya edda, era yabaawula dda okufaananyizibwa n’engeri y’Omwana we, abeerenga omubereberye mu b’oluganda abangi”

M. Bwe baba bonna nga baana abasooka, Yesu anaaba kiki?

K. Yye ye mwana yekka omuzaalibwa owa katonda

M. Ebiseera ebyedda eby’ayita nga Yesu tannaba kuzaalibwa, Katonda yagamba Dawudi mu (Zabburi 2:7):

“Ekiragiro ndikibuulira: Mukama ya **ŋŋ**amba nti Ggwe (Dawudi) oli mwana wange; Leero nkuzadde.” N’olwekyo ne Dawudi mwana wa katonda omuzaalibwa. Ekigambo mwana mu Baibuli tekitegezebwaamu amakulu gakyoo amatuufu, wabula kitegeeza omuntu yenna oba ekibinja ky’abantu bonna katonda b’ayagala, ne Yesu yennyini yagamba Katonda si kitaawe yekka wabula era Kitammwe: (Matayo 5:45,48)

K. “Mulyoke mubeerenga abaana ba Kitammwe ali mu ggulu...”; “Kale mmwe mubeeranga abatuukirivu, nga Kitammwe ali mu ggulu bw’ali Omutuukirivu”

M. N’olwekyo ojjakulaba ennyiriri eziwerako mu Baibuli nga “mwana wa katonda” kitegeeza omukwano n’okwaagala n’okuba okumpi eri Katonda. Ate ekyo tekiri ku Yesu yekka, Ojjakulaba abaana n’abawala ba katonda: (2 Abakkolinso 6:18), “Era nnaabeeranga Kitammwe gye muli, Nammwe munaabeeranga gye ndi abaana ab’obulenzi n’ab’obuwala...”

Okusenziira ku lunyiriri luno n’ennyiriri endala mu Baibuli, tewali nsonga lwaki Yesu ayitibwa Omwana wa katonda omuzaalibwa muntegeera eyeeyawudde ye yekka.

K. Yesu ye talina Taata. Eyo y'ensonga lwaki ye mwana wa katonda.

M. Lwaki awo ne Adamu tomubala ng'omwana wa katonda. Jukira talina taata wadde maama. Mu (Lukka 3:38) egamba bweti: "...wa Adamu, mwana wa katonda." Soma era (Abaebbulaniya 7:1)

K. "Atalina kitaawe, atalina nnyina, atalina bajajjaabe, atalina lunaku lwe yasookerako newakubadde enkomerero y'obulamu, naye eyafaananyizibwa Omwana wa Katonda), abeera kabona ow'olubeerera ennaku zonna."

M. Ani ayogerwaako oyo? Okwanukula kusangibwa mu (Abaebbulaniya 7:1); " Kubanga Merukizeddeeki oyo kabaka w'e Ssaalemi, kabona wa Katonda Ali waggulu ennyo, eyasisinkana Ibulayimu..." At'ono ye alina okweewunyisa okw'amaanyi okusinga Yesu ne Adamu. Olowooza lwaki ye tayitibwa mwana wa katonda oba katonda yennyini?

K. Kati ggwe Yesu omutwaala ng'ani?

M. Abasiraamu bamuyita Yesu (Isa) Omwana wa Mariyamu.

K. Tewali ekyo akigaana.

M. Kituufu, ekyo kyangu nnyo era tewali akigaana. Yesu yeeyita yennyini mwana wa Muntu, era n'akigaana okumuyita mwana wa katonda. Soma (Lukka 4:41)

K. "Ne badayimooni ne babavaako bangi, ne bakaaba nga bagamba nti Ggwe oli Mwana wa Katonda: N'ababoggolera, n'atabaganya kwogera, kubanga baamanya nga Ye Kristo."

M. Yesu eyali Mezeya asuubirwa, Omutume era Nabbi, abantu b'amulinnyisa eddaala ne ba muyita mwana wa katonda, ne bamaliriza

na kumuyita katonda yennyini. Soma (Yokaana 3:2); “Oyo n’ajja gy’ali ekiro, n’amugamba nti Labbi, tumanyi nti oli muyigiriza eyava eri Katonda...” (Yokaana 6:14), “Awo abantu bwe baalaba akabonero ke yakola, ne bagamba nti Mazima ono ye nnabbi oyo ajja mu nsi.” Yesu era ayitibwa Nabbi mu: (Yokaana 7:40)

“Awo ab’omu kibiina bwe baawulira ebigambo ebyo ne bagamba nti Mazima, ono ye nnabbi oli.” Era ojja kwongera otunule mu (Matayo 21:11), (Lukka 7;16 ne 24:19).

(Ebikolwa 9:20), “Amangu ago n’abuulira Yesu mu maku¹¹aaniro ng’oyo ye Mwana wa Katonda.” (Okusenziira ku bigambo ebyo, osobola okumaliriza nti Abakristaayo ab’edda abasooka oluberyeberye, Baali bakozesa Amakunggaaniro, naye oluvannyuma Obukristaayo kasita bwaava kunsibuko y’enjigiriza ya Yesu Entuufu, Awo Amakanisa negatandikibwaawo. Pawulo, Barunabba n’abalala baagobwa mu Makunggaaniro gano; olw’okuteekebwaako omusango nti bafuuse bawakanyi n’okuleeta obukyaafu mu bifo ebyo. Ojja kusoba: (Ebikolwa 13:50, 17:18 ne 21:28). (Lukka 2:11):

“Kubanga leero azaaliddwa gye muli Omulokozi mu kibuga kya Dawudi, ye Kristo Mukama waffe” (Yokaana 1:1)

“Ku luberyeberye waaliwo Kigambo, Kigambo n’aba awali Katonda, Kigambo n’aba Katonda.”

Yesu Yakomererwa ku Musaalaba?

M. Ekitabo Qur’ani kitugamba mu: (suula 4:157) nti Yesu teyakomererwa:

﴿وَقَوْلِهِمْ إِنَّا قَتَلْنَا الْمَسِيحَ عِيسَى ابْنَ مَرْيَمَ رَسُولَ اللَّهِ وَمَا قَتَلُوهُ﴾

وَمَا صَلَّبُوهُ وَلَكِنَّ شُبَّهَ لَهُمْ وَإِنَّ الَّذِينَ اخْتَلَفُوا فِيهِ لَفِي شَكٍّ
مِنْهُ مَا لَهُمْ بِهِ مِنْ عِلْمٍ إِلَّا اتِّبَاعَ الظَّنِّ وَمَا قَتَلُوهُ يَقِينًا ﴿١٥٧﴾
[سُورَةُ النَّسَاءِ].

“Era n’ekigambo kyabwe (Abayudaaya nga beewaana) nti: Mazima ffe twatta Issa (Yesu) Masiha mutabani wa Mariyamu, omubaka wa Katonda -Sso nga tebamuttanga era tebamukomereranga ku musaalaba...” Okkiriza nti Yesu yafiira ku musaalaba?

K. Iyye, yafa era yamala n’azuukira.

M. Fenna tukkaanya bulungi tewali yajulira oba eyalaba akaseera ke yazuukiramu. Wabula baasinggaana Kabuli (entaana) gye baalowooza mwe yali yaziikibwa nga temuli kirimu, nebakomekkereza nga bagamba nti Yesu azuukidde; kubanga Abayigirizibwa be baamulaba nga Mulamu oluvannyuma lw’okukkiriza nti yali yakomererwa, amazima gali nti ekyo tekyaaaliyo nga Qur’ani bwegamba nti tafirangako ku musaalaba

K. Obujulizi obujja wa okwogera ekyo?

M. Obujulizi njakubukuwa obukakasa ensonga eno, wabula njagadde nkubuuze okusooka, Osinga kukkiriza Yesu yennyini bye yayogera oba abalala bye baamujjako nebabyogera eri abantu.

K. Tekiriimu ku buusabuusa nsooka bya Yesu nga sinnaba kutwaala kirala kyonna.

M. Yesu yagamba mu (Matayo 10:24): “Omuyigirizwa tasinga amuyigiriza, so n’omuuddu tasinga mukama we.”

K. Naye era Yesu yennyini yagamba nti ajjakuzuukira ng’ava mu

bafu, (Lukka 24:46): “N’abagamba nti Bwe kityo bwe kyawandiikibwa Kristo okubonyaabonyezebwa n’okuzuukira mu bafu ku lunaku olw’okusatu.”

M. Ekigambo “kufa” ky’akozesebwa mu Baibuli nga kitegeezebwaamu kubonyaabonyezebwa, nga Pawulo bwe yagamba: (1 Abakkolinso 15:31):

“Nfa bulijjo (amakulu mbonyaabonyezebwa bulijjo), ndayidde okwenyumiriza okwo ku lwammwe, kwe ndi nakwo mu Kristo Yesu Mukama waffe.” Kankujjireyo obumu ku bujulizi obubusabubusa okukomererwa kwa Yesu:

1. Ku Musaalaba, Yesu yakoowoola Katonda amuyambe: (Matayo 27:46): “Obudde bwe bwatuuka ng’essaawa ey’omwenda Yesu n’ayogerera waggulu n’eddoboozi ddene, ng’agamba nti Eri, Eri, lama sabakusaani? amakulu gaakyo nti Katonda wange, Katonda wange, kiki ekikundesezza? Ne mu (Lukka 22:42), “Ng’agamba nti Kitange, bw’oyagala, nzijaako ekikompe kino: naye si nga nze bwe njagala, naye ky’oyagala ggwe kikolebwe.” (Ekikompe ekitegezebwaamu kwe kufa).
2. Okusaba kwa Yesu obutafiira ku Musaalaba Katonda ya kwaanukula, okusinziira ku Lukka, Omuwandiisi wa Ebulaniya ne Yakobo, n’olwekyo kijja kitya afaire ku Musaalaba? (Lukka 22:43): “Malayika n’amulabikira ng’ava mu ggulu ng’amussaamu amaanyi.” Kino kitegeeza Malayika ya mukakasa nti Katonda taja mulekerera kumuwa buyambi: (Abaebbulaniya 5:7): “Oyo mu nnaku ze yabeereramu mu mubiri gwe, bwe yawaayo okwegayirira n’okusaba eri oyo eyayinza okumulokola mu kufa n’okukaaba ennyo n’amaziga, era bwe yawulirwa olw’okutya kwe Katonda.” Okusaba kwa Yesu kw’awulirwa, amakulu Katonda yamwanukula

omulanga gwe: (Yakobo 5:16): “...Okusaba kw’omuntu omutuukirivu kuyinza nnyo mu kukola kwakwo.” Yesu yennyini yagamba mu (Matayo 7:7-10): “Musabe, muliweebwa; munoonye, muliraba; mweyanjule, muliggulirwawo. kubanga buli muntu asaba aweebwa; anoonya alaba; eyeeyanjula aliggulirwawo. Oba muntu ki mu mmwe, omwana we bw’alimusaba emmere, alimuwa ejjinja. oba bw’alisaba ekyennyanya, alimuwa omusota?” Bwe kiba Okusaba kwa Yesu kw’ayanukulwa, ng’ogasseeko

?n’okusaba tafira ku Musalaba, kijja kitya ate afireko

3. Ebigere bye tebimenyekebwanga nab’asikaari b’erooma: (Yokaana 19:32-33): “Awo basserikale ne bajja, ne basookera ku omu ne bamumenya amagulu, n’omulala eyakomererwa naye: naye bwe bajja eri Yesu, ne balaba ng’amaze okufa, ne batamumenya magulu.” Ekibuuzo, osobola otya okwesigamira ku bigambo by’abasserikale nti Yesu yali amaze okufa, oba baayagala okumununula, olwokuba baali bamanyi nti yesu talina nsobi n’emu?
4. Yesu bw’aba yafiira ku Musaalaba, omusaayi gwe gwandilabiddwa mu kifo nga kimanyikiddwa, naye tewali musaayi gw’afubutuka mu mubiri gwe bwe gw’afumitibwa, Baibuli eyogera nti omusaayi n’amazzi by’avaayo; (Yokaana 19:34), “Naye sserikale omu n’amufumita mu mbiriizi ze neffumu, amangu ago ne muvaamu omusaayi n’amazzi.”
5. Abafalisaayo bwe baamubuuza Yesu ayogere amazima ki kyaali, yayanukula bwaati mu (Matayo 12:40): “Kuba nga Yona bwe yamala ennaku essatu, emisana nekiro, mu lubuto lwa lukwata; bw’atyo n’Omwana w’omuntu bw’alimala ennaku essatu, emisana nekiro, mu mutima gw’ettaka.” Nga tetutunuulidde nnyo budde ku

byaaliwo wakati wa Yona ne Baibuli byeyogera kukukomererwa kwa Yesu n'okuzuukira kwe, kuba tezaali naku satu nabiro bisatu, wabula lwaali lunaku lumu (lwamukaaga, emisana wokka) n'ebiro bibiri (Ekiro kyolwokutaano n'ekiro ky'olwomukaaga). Ekibuuzo, Yona yali akyaali mulamu mu lubuto lw'ekyennyanja?

K. Iyye.

M. Ky'ogamba, Yona yali akyaali mulamu akaseera Ekyennyanja we ky'amuwandira?

K. Iyye.

M. Awonno Yesu yali mulamu nga bwe yakyogerako.

6. Yesu yennyini yannyonnyola nti tafiirangako ku Musaalaba. Mu biseera ebyokumakya ddala ku Sande Mangadalena yagenda ku Ntaana, eyali engyereere. Yalengera omuntu ng'ayimiridde ng'alinga Omulimi. Nga banyumizzaamu kimu bibiri, Magadalena yamutegeera nti ye Yesu n'ayagala okumukwaatako. Yesu yamuddamu, nga Baibuli bw'egamba mu (Yokaana 20:17): "Yesu n'amugamba nti Tonkwatako, kubanga sinnaba kulinnya mu ggulu eri Kitange..." Ekigambo "Sinnaba kulinnya mu ggulu eri kitange" kitegeeza kyokka nti Yesu yali mulamu nga tafangako era nga tagendangako wa Katondawe. Era luno olunyiriri lwokka lw'amaanyi nnyo Okugaana n'okubususabuusa okukomererwa n'okuzuukizibwa kwa Yesu; kubanga lw'ayitira ku lulimi lwe yennyini n'olwokuba nti omuntu bwaafa addayo ewa Katonda we.
7. Ebigambo nga bimaze okubuna mu bantu eby'okukomererwa kwa Yesu, abayigirizwa be b'alowooza nti Oli gwe baalaba mu kifaananyi teyali yye, wabula gw'ali mwoyo, kubanga emibiri egizuukira, gizuukira nga myoyo.

K. Gwe! Kijja kitya Emibiri egizuukidde okuba Emyoyo.

M. Ekyo Yesu kye yayogera mu Baibuli: nti baba balinga baMalayika.

K. Wa mu Baibuli?

M. Mu (Lukka 20:34-36): “Yesu n’abagamba nti Abaana b’ensi eno bawasa, bafumbizibwa. Naye bali abasaanyizibwa okutuuka mu nsi eyo ne mu kuzuukira okw’omu bafu, tebawasa, so tebafumbizibwa. Kubanga n’okufa tebayinza kufa nate: kubanga bali nga bamalayika; era be baana ba Katonda, nga bwe bali abaana b’okuzuukira.”

Oluvannyuma yabamatiza nti y’oli gwe bamanyi, era n’abakkiriza okumukwaata ku mikono gye ne ku bugere obutono, n’abagamba nti yye y’oli gwe Bamanyi obulungi era takyuukangako, kubanga baalinga abatakikkiriza. Okwongera okubakakasa nti akyaali oli yennyini yasaba emmere n’alya ng’abantu abalala. Ojjakusoma (Lukka 24:36-43):

“Awo baali nga bakyayogera ebyo, ye yennyini n’ayimirira wakati waabwe, n’abagamba nti Emirembe gibe mu mmwe. Naye ne beekanga ne batya, ne balowooza nti balaba muzimu. N’abagamba nti Ekibeeraliikiriza kiki? N’okubususabusa kujjira ki mu mitima gyammwe? Mulabe engalo zange n’ebigere byange, nga nze nzuuno mwene: munkwateko mulabe; kubanga omuzimu tegulina nnyama na magumba, nga bwe mulaba nze bwe ndi nabyo. Bwe yamala okwogera ekyo, n’abalaga engalo ze n’ebigere. Awo bwe baali tebannaba kukkiriza olw’essanyu. Nga beewuunya, n’abagamba nti Mulina ekiriibwa wano? Ne bamuwa ekitundu eky’ekyennyanya ekyokye. N’akitoola n’akiriira mu maaso gaabwe.”

8. Bw’oba okyakkiriza nti yafiira ku musaalaba, awo manya teyali Mutume wa mazima era yakolimirwa ewa Katonda okusinziira

ku nnyiriri zino mu Baibuli (Ekyamateeka 13:5): “Era Nnabbi oyo oba omuloosi w’ebirooto anattibwanga...” (Ekyamateeka 21:22-23): “Era omuntu bw’aba ng’akoze ekibi ekisaanira okumussa; ne bamutta, n’omuwanika ku muti. omulambo gwe tegusulanga ku muti, naye tolemanga kumuziika ku lunaku olwo; kubanga awanikiddwa ng’akolimiddwa Katonda; olemenga okugwagwawaza ensi yo Mukama Katonda wo gy’akuwa okuba obusika.” Okukkiriza mu kukomererwa kwa Yesu ku musaalaba, kuba kuvvoola bwannabi bwe. Abayudaaya bagamba nti Yesu baamuttira ku musaalaba basobole okulaga abantu nti Nabbi wa Bulimba. Abakristaayo bakkiriza mu kufira kwe ku musaalaba; olw’okukkiriza nti Ebyonoono byabwe bisonyiyibwa, ekiva mwekyo, era kibakakatako okukkiriza nti Yesu yakolimirwa, nsaba Katonda Akiteeke wala! Okukkiriza mu mulamwa guno kikontana ne Baibuli mu: (Koseya 6:6): “Kubanga njagala ekisa so si ssaddaaka; n’okumanya Katonda okusinga ebiweebwayo ebyokebwa.” Era kikontana n’ebigambo bya Yesu mu: (Matayo 9:13): “Naye mugende muyige amakulu g’ekigambo kino nti Njagala kisa, so si ssaddaaka...” Era Yesu yagamba mu: (Matayo 12:7): “Naye singa mumanyi amakulu ga kino nti Njagala ekisa, so si ssaddaaka, temwandinenyezza abatazzizza musango.”

K. Olowooza lwaaki abantu bakkiriza mu kuzuukizibwakwe?

M. Yali Pawulo eyayogera ekyo mu (Ebikolwa 17:18): “...Abamu (Abayudaaya) ne bagamba nti (Pawulo) Ayagala kwogera ki abujjabujjana ono? Abamu ne bagamba nti (Pawulo) Afaanana ng’abuulira balubaale abaggya: kubanga yali ng’abuulira Yesu n’okuzuukira” Pawulo Omuntu ataalabako Yesu mu bulamu bwe bwonna, yategeeza nti okuzuukizibwa kwa Yesu y’enjiri ye: (2 Timoseewo 2:8):

“Jjukira Yesu Kristo, nga yazuukira mu bafu, ow’omu zzadde lya Dawudi, ng’enjiri yange bw’eyogera.” Era Pawulo ye muntu eyasooka okulangirira nti Yesu Mwana wa Katonda: (Ebikolwa 9:20):

“Amangu ago (Pawulo) n’abuulira Yesu mu maku¹¹aaniro ng’oyo ye Mwana wa Katonda.” N’olwekyo Obukristaayo si kusomesa kwa Yesu, wabula Pawulo ye yasomesa Obukristaayo.

K. Naye mu (Makko 16:19) yakikoonako nti Yesu yayimusibwa okugenda mu Ggulu n’atuula ku mukono ogwa ddyo ogwa Katonda: “Awo Mukama waffe Yesu bwe yamala okwogera nabo, n’atwalibwa mu ggulu, n’atuula ku mukono ogwa ddyo ogwa Katonda.”

M. Nga bwe nna kutegeeza mu mbooji yaffe eyasooka nti mu Makko okuva ku 16:9-20, Zajjibwaamu mu Baibuli ezimanyikiddwa obulungi: The Revised Standard Version, ne The New American Standard Bible ne The World Translation of the Holy Scriptures of the Jehova’s Witnesses Church. Era bwe kiba ng’okkiriza nti Yesu Katonda; olw’okuba yalinnyisibwa mu Ggulu, lwaaki tokkiriza obwa katonda bw’Abatume ne Bannabbi abasigadde, kuba nabo b’alinnyisibwa mu Ggulu.

K. Be baani abo abaalinnysibwa mu Ggulu?

M. Eriya: 2 Bassekabaka 2:11-12 “...Eriya n’alinnya mu ggulu n’embuyaga ez’omuzimu.” N’Enoka yasitulibwa ne katonda okugenda mu Ggulu: (Olubereberye 5:24):

“Enoka n’atambulira wamu ne Katonda: so n’atabeerawo; kubanga Katonda yamutwala.” Era kino ky’addibwaamu mu (Abebbulaniya 11:5):

“Olw’okukkiriza, Enoka yatwalibwa obutalaba kufa; n’atalabika

kubanga Katonda yamutwala: kubanga bwe yali nga tannatwalibwa yategezebwa okusumibwa Katonda.”

Okufiirira abantu ku musaalaba n'ekyoono Eky'asooka

K. Kaakati ky'ogamba Yesu okukomererwa ku musaalaba ng'afiirira byoono by'abantu si njigiriza ya Yesu?

M. Enzikiriza eno ey'okufiirira abantu ku musaalaba yakkirizibwa era n'eyanirizibwa ne Kkanisa oluvannyuma lw'ebyaasa bisatu oba bina nga Yesu yava dda muni eno. Kikontana ne Baibuli bye yayogera ebingi: (Ekyamateeka 24:16): “Bakitaabwe tebattibwanga okubalanga abaana baabwe, so n'abaana tebattibwanga okubalanga bakitaabwe: buli muntu bamulangenga ekibi kye ye okumutta.” Ne (Yeeremiya 31:30): “Naye buli muntu alifa olw'obutali butuukirivu bwe ye...” ne (Ezekyeri 18:20):

“Emmeeme eyoonoona ye erifa: omwana talibaako butali butuukirivu bwa kitaawe, so ne kitaawe talibaako butali butuukirivu bwa mwana we; obutuukirivu obw'omutuukirivu buliba ku ye, n'obubi obw'omubi buliba ku ye.” Adamu ne Kaawa ekyoonoona kye baakola ky'avunaanwa bo bokka, era oluvannyuma beenenya ewa Katonda wabwe n'abasonyiwa ng'Ekitabo Qur'ani bwe kyannyonnyola.

K. Naye bino biri mu Ndagaano Enkadde.

M. Soma Yesu kye yagamba yennyini mu (Matayo 7:1-2).

K. “Temusalanga musango, muleme okusalirwa. Kubanga omusango gwe musala gulibasalirwa nammwe: era ekigera kye mugereramu, ekyo kye muligererwa nammwe.”

M. Soma (1 Abakkolinso 3:8).

K. “Naye asiga n’afukirira bali bumu: naye buli muntu aliweebwa empeera ye ye ng’omulimu gwe ye bwe guliba.”

M. Bw’oba oyagala era njakukulaga nti Abaana abato bazaalibwa tebalina zambi wadde ekyonoono n’ekimu. Soma (Matayo19:14).

K. “Naye Yesu n’agamba nti Mubaleke abaana abato, temubagaana kujja gye ndi: kubanga abali ng’abo obwakabaka obw’omu ggulu bwe bwabwe”

M. N’olwekyo buli muntu azaalibwa talina kyonoono na kimu. Obadde okimanyi nti yali Pawulo eya komya amateeka ga Nabbi Musa? Soma (Ebikolwa 13:39).

K. “Byonna bye mutandiyinzizza kuggibwako mu mateeka ga Musa, ku bw’oyo buli akkiriza abiggibwako.”

M. Kankubuuze Ekibuuzo, Lwaki Okkiririza mu kuzuukizibwa kwa Yesu bw’aba nga Pawulo, oyo ataalabako Yesu mu bulamu bwe, yategeeza nti eno ye yali Enjiri ye.

K. Ekyo ky’awandiikibwa wa?

M. Soma (2 Timoseewo 2:8)

K. “Jjukira Yesu Kristo, nga yazuukira mu bafu, ow’omu zzadde lya Dawudi, ng’enjiri yange bw’eyogera” Naye gwe olwoowa lwaki tukikiriza nti yakomererwa ku musaalaba n’amala n’azuukira okuva mu bafu?

M. Nange munnange simanyi, kubanga bwo Obusiraamu bukkiriza ebintu ebyenjawulo, wabula bukubiriza n’abantu okukozesa amagezi gabwe okusengejja n’okufumiitiriza ku kintu ne kiyingira bulungi mu bwongo, Eddiini eno ey’obusiraamu Ekitabo kyayo Qur’ani

tekikyuusibwangako bukyanga kikka okuva mu Ggulu ewa Katonda, kawefube owenjawulo agezeddwaako okukyuusa Ekitabo Kino, naye nekitasoboka. Bannabbi ba Katonda, gamba nga Musa, Yesu (Isa), Muhammadi n'abatume abalala bonna Ekitabo Qur'ani ky'aboogerako nga bonna bwe baalina omusingi ogumu ogw'okwaawula Katonda Omu yekka.

K. Okwo okumanya kwenjagala okutuukako.

M. Kiriza bukkiriza Shahada y'Obusiraamu, ojulire nti oyingidde obusiraamu, njakukuyambako okujatula.

K. Ash-hadu an-la Ilaaha illa Allah wa sh-hadu anna Muhammada Rasuulu Allah. Nakakasa mu mutuma gwange nti tewali kisinzibwa mu butuufu okujjako Allah, era Nkakasa Muhammadi Mubaka wa Allah. Mbuzza, Nabbi Muhammadi yayogerwaako mu Baibuli?

M. Kituufu, Naye si kyamugaso nnyo eri Omusiraamu okukimanya okuva mu Baibuli, wabula nga gwe bwe wasoma Baibuli tujja kukyoogerako obudde obulala.

N.B Emboози Esigaddeyo eri wakati wa Musiraamu na Musiraamu munne: "M" na "m"

MUHAMMADI MU BAIBULI

(Ismaeri ne Isaaka bonna b'aweebwa Ekitiibwa)

M. Lwaaki Ismaeri ne Maama we Hajara (Agali) baaleka Saala?

m. Oluvannyuma lwa Isaaka okuva ku mabeere. Maama we Saala yalaba Ismaeri ng'asekerera Isaaka. Oluvannyuma lwebyo, Saala teyayagala Ismaeri asike wamu nomwana we Isaaka: (Olubereberye 21:8-10):

“Omwana n’akula, n’ava ku mabeere: Ibulayimu n’afumba embaga ennene ku lunaku Isaaka lwe yaviirako ku mabeere. Saala n’alaba omwana wa Agali Omumisiri, gwe yazaalira Ibulayimu, ng’aduula. Kyeyava agamba Ibulayimu nti Goba omuzaana ono n’omwana we: kubanga omwana w’omuzaana ono tajja kubeera musika wamu n’omwana wange, ye Isaaka.”

M. Isaaka yali wa myaka ebiri akaseera keyaviira ku mabeere. Ate Isimaeri yali alina Emyaka kumi na mukaaga; kubanga ye Ibulayimu yali wa myaka Kinaana mu mukaaga (86) egy’obukulu akaseera Agali (Hajara) we yazaalira Isimaeri, ate naweza emyaka kikumi (100) egy’obukulu we yazaalira Isaaka, Okusenziira ku (Olubereberye 16:16): “Ibulaamu yali yaakamaze emyaka kinaana mu mukaaga, Agali bwe yazaalira Ibulaamu Isimaeri.” Ne (Olubereberye 21:5):

“Era Ibulayimu yali yaakamaze emyaka kikumi, omwana we Isaaka bwe yamuzaalirwa.”

Kati obuzibu webuli olunyiriri luno (Olubereberye 21:8-10) lukonagana ne (Olubereberye 21:14-21), kubanga Isimaeri yannyonnyolwa ng’omwana omuto aweekwa kukibegaabega kya Maama we, “Ibulayimu n’agolokoka enkya mu makya, n’addir emmere n’ensawo ey’eddiba ey’amazzi, n’abiwa Agali, ng’abissa ku kibegabega kye, n’omwana, n’amusindika: n’agenda, n’atambuliratambulira mu ddungu ery’e Beeruseba...”

Okwo kwe kunnyonnyola ku mwana Omuto, teyali mwana atuuse mu myaaka egy’obuvubuka (13-19). N’olwekyo Isimaeri ne Maama we Agali Baamuleka Saala obudde buwanvu nga Isaaka tannaba kuzaalibwa. Okusenziira ku Bitabo by’obusiraamu, Ibulayimu yatwaala Isimaeri ne Agali (Hajara) ne basenga mu kifo e Makka Ekiyitibwa Palani mu Baibuli (Olubereberye 21:21), kubanga kyaali

kiragiro ekyaava ewa Katonda era nga yali nteekateeka Ye. Agali Yadduka emirundi musanvu wakati w'obusozi Obubiri ng'anoonya amazzi; Era kuno kw'afuuka okulamaga kw'abasiraamu nga enkumi n'enkumi z'abasiraamu bakunggaanira mu kibuga Makka nga batuukiriza omulimu ogwo okuva mu bitundu eby'enjawulo mu nsi yonna. Oluzzi olw'ayogerwaako mu: (Oluberyebereye 21:19): "Katonda n'azibula amaaso ge, n'alaba oluzzi lw'amazzi n'agenda, n'ajjuza eddiba amazzi, n'anywesa omulenzi." Era lukyaaliwo, kati luyitibwa Zamzam. Ibulayimu ne Isimaeri oluvannyuma baazimba Ennyumba Kaaba mu Makka. Akafo Ibulayimu keyasinzizaamu okumpi ne Kaaba kakyaaliwo, akayitibwa Makaam Ibulayimu, nga kitegeeza akafo ka Ibulayimu, Abalamazi abali e Makka n'abasiraamu mu nsi yonna, emikolo egikolebwa mu kulamaga bagiwa ekitiibwa nga bajjukira Saddaaka ya Ibulayimu ne Isimaeri gye b'atuukiriza nga basala ebisolo.

m. Naye Baibuli yayogera Isaaka ye yali ow'okusalibwa.

M. Bw'osoma bulungi Baibuli (Oluberyebereye 17:24-27) ojjakulaba ky'ekimu n'obusiraamu kye bw'ayogera: "Ibulayimu yali yaakamaze emyaka kyenda mu mwenda, bwe yakomolwa omubiri gw'ekikuta kye. Ne Isimaeri omwana we yali yaakamaze emyaka kkumi n'esatu, bwe yakomolwa omubiri gw'ekikuta kye. Ku lunaku lumu Ibulayimu n'akomolebwa ne Isimaeri omwana we. N'abasajja bonna ab'omu nnyumba ye, abo abaazaalirwa mu nnyumba, n'abo munnaggwanga yenna be yamuguza n'ebintu, ne bakomolwa wamu naye."

Omwaka nga guyiseewo gumu, Isaaka yazaalibwa era naye n'akomolebwa ng'amaze ennaku munaana egy'obukulu: (Oluberebereye 21:4-5): "Ibulayimu n'akomola omwana we Isaaka nga yaakamaze ennaku munaana, nga Katonda bwe yamulagira. Era Ibulayimu yali

yaakamaze emyaka kikumi, omwana we Isaaka bwe yamuzaalirwa.”

N’olwekyo Endagaano bwe yakolebwa okuva ewa Katonda (Ey’okutayirirwa n’okusala omwana) Ibulayimu yalina emyaka kyenda mu mwenda (99) ate Isimaeri kumi n’esatu (13). Isaaka oluvannyuma omwaka gumu yazaalibwa, awonno nga Ibulayimu ng’awezezza emyaka kikumi (100).

Abazzukulu ba Isimaeri, nga Muhammadi mwe tumutadde, n’abasiraamu muni yonna bateeka munkola Endagaano Ey’okutayirirwa okutuusa leero. Era Abasiraamu mu swala zabwe ettaano basabira Ibulayimu edduwa n’abennyumba ye, era nebasabira ne Nabbi Muhammadi n’abennyumba ye.

m. Naye mu Baibuli Olubereberye 22 yanokolayo Isaaka ye yali ow’okusalibwa.

M. Nkimanyi, naye manya nti ekyo kikontana n’ennyiriri endala era mu (Olubereberye) nga bwe tw’alabye. Nga bw’ogambye mu Olubereberye 22:2,12

“N’ayogera nti Twala kaakano omwana wo, omwana wo omu, gw’oyagala, ye Isaaka...” Ekigambo “Omwana wo mu gw’oyagala ye Isaaka” kyandibadde; “Omwana wo omu gw’oyagala Isimaeri; Ensonga ntono nnyo; kubanga ekiseera ekyo Isimaeri yali wa myaka kkumi n’esatu, atenga Isaaka tannaba kuzaalibwa nga bwe twakinnyonyodde mu (Olubereberye) yennyini, ekyewuunyisa, Isaaka (Muto wa Isimaeri) bwe yazaalibwa Ibulayimu yafuuka w’abaana babiri; kiba tekiyingira mu bwongo okugamba “Omwana wo omu”!! Era bwe wetegereza obulungi, Erinnya Isimaeri lyasangulwaawaamu munnyiriri ezo, wabula ab’akikola ekyo, Katonda yabagayaaza nebatasangulamu kigambo “Omwana Omu” okulaga ekyakolebwa

era ekyakyuusibwa mu (Olubereberye 22).

Ekigambo mu lunyiriri "...N'okwongera naakwongerangako ezzadde lyo..." mu (Olubereberye 22:17) lulaza Isimaeri kuntandikwa mu (Olubereberye 16:10,11), "Era malayika wa Mukama n'amugamba nti Ndyongera nnyo ezzadde lyo, n'okubala ne litabalika olw'obungi. Era malayika wa Mukama n'amugamba nti Laba, oli lubuto, era olizaala omwana wa bulenzi; era olimutuuma erinnya Isimaeri...". Ekibuuzo, ky'ogamba ekitabw (Olubereberye 22) kyonna Isimaeri talina w'ayingiriramu?

Ekigambo "Golokoka, oyimuse omulenzi, omukwate mu ngalo zo; kubanga ndimufuula eggwanga eddene." Kino kyayogerwa emirundi ebiri mu (Olubereberye 17:20) ne (Olubereberye 21:18), zino zonna tezogera ku Isaaka wadde n'akatono.

m. Abayudaaya n'Abakristaayo bagamba nti Isaaka yali wakitiibwa nnyo okusinga Isimaeri.

M. Ekyo kye bogera naye Baibuli yyo si bwe yogera: (Olubereberye 15:4), "Era, laba, ekigambo kya Mukama ne kimujjira, (Ibulayimu) nga kyogera nti Omuntu oyo taliba musika wo; naye aliva mu ntumbwe zo ggwe ye aliba omusika wo." N'olwekyo Isimaeri yali naye Musika.

(Olubereberye 16:10), "Era malayika wa Mukama n'amugamba (Agali) nti Ndyongera nnyo ezzadde lyo, n'okubala ne litabalika olw'obungi."

(Olubereberye 17:20), "N'ebya Isimaeri, nkuwulidde: laba, mmuwadde omukisa, era ndimwaza, era ndimwongera nnyo; alizaala abakungu kkumi na babiri, era ndimufuula eggwanga eddene."

(Oluberyeberye 21:13), “Era ne mu mwana w’omuzaana ndimuviisaamu eggwanga, kubanga ye lye zzadde lyo.”

(Oluberyeberye 21:18), “Golokoka, oyimuse omulenzi, omukwate mu ngalo zo; kubanga ndimufuula eggwanga eddene.”

(Ekyamateeka 21;15-17), “Omusajja bw’abanga n’abakazi babiri, omu nga muganzi, omulala nga mukyawe, era nga bombi baamuzaalira abaana, omuganzi n’omukyawe; era omwana ow’obulenzi omuberyeberye bw’abanga ow’omukyawe; Awo olunaatuukanga, ku lunaku lw’alisisa abaana be ebyo by’alina, tafuulanga mwana wa muganzi okuba omuberyeberye, omwana w’omukyawe, ye muberyeberye, ng’akyali mulamu: Naye anakkirizanga omubereberye, omwana w’omukyawe, ng’amuwa emigabo ebiri ku ebyo byonna by’alina: kubanga oyo kwe kusooka kw’amaanyi ge; eby’omubereberye bibye.”

Obusiraamu tebugaana kitiibwa na bulungi Isaaka bw’alina okuva ewa Katonda, naye Omwana ow’endagaano omusuubize ye Isimaeri, oyo nga ku mugongo gwe Muhammadi mw’asibuka nga Nabbi era Omutume wa Katonda eyasembayo, nga tewali mutume alijja oluvannyuma lwe.

m. Era Abayudaaya n’Abakristaayo bagamba nti Isimaeri yali mwana wa bwenzi.

M. Ekyo si kituufu waddenga bakyogera; kubanga mu Baibuli si bwekiri, kijja kitya Omutume wa Katonda Ibulaayimu abe n’omukyala nga si bafumbo mu mateeka, era azaale omwana w’obwenzi!!

(Oluberyeberye 16:3), “Salaayi, mukazi wa Ibulaamu, n’atwala Agali, Omumisiri, muzaana we, Ibulaamu bwe yali yaakamaze emyaka ekkumi okutuula mu nsi ya Kanani, n’amuwa Ibulaamu musajja

we okuba mukazi we.” Bwe buba nga obufumbo bwabwe bwaali butukuvu, kijja kitya ate bazaale ezadde ery’obwezi! Oba obufumbo tebwaali butuufu olwokuba siba Ggwanga limu, Omu yali Mumisiri owokubiri Mukanani, Era obufumbo obwo bwaali bwa wansi okusinga obwa Salaayi; kubanga ye mwannyina mu Taata omu nga (Oluberyeberye 20:12) bwe gamba:

“Era naye mazima ye mwanyinaze, mwana wa kitange, naye si mwana wa mmange; n’afuuka mukazi wange:”

Ate Erinnya Isimaeri ly’alondebwa na Katonda: (Oluberyeberye 16:11), “Era malayika wa Mukama n’amugamba (Agali) nti Laba, oli lubuto, era olizaala omwana wa bulenzi; era olimutuuma erinnya Isimaeri, kubanga Mukama awulidde okubonyabonyezebwa kwo.” Era Isimaeri kitegeeza Katonda Awulira. Lunyiriri ki mu Baibuli olulaga nti Isimaeri Mwana wa bwenzi?

m. Tewali lunyiriri wadde olumu.

M. Ebiseera ebiwanvu nga Isimaeri ne Isaaka tebannaba kuzaalibwa, Katonda yakola endagaano ne Ibulayimu: (Olubereberye 15:18), “Ku lunaku olwo Mukama n’alagaana ne Ibulaamu, ng’ayogera nti Ezzadde lyo ndiwadde ensi eno, okuva ku mugga ogw’e Misiri okutuuka ku mugga omunene, omugga Fulaati.” Abaffe sibwe kiri nti Ekifo ekinene eky’Abawarabu tekiri wakati w’Omugga Nile (Kiyira) ne Fulaati, ekifo ezadde lya Isimaeri lyonna we lyasenga oluvannyuma?

m. Ky’otegeeza tewali Nsi oba Kifo ky’asuubizibwa ku weebwa Isaaka n’ezadde lye?

M. Ffe Abasiraamu tetuwakanya nti Isaaka naye alina emikisa n’ekitiibwa Katonda kye Yamuwa. Tunula mu (Oluberyeberye 17:8), “Era ndikuwa ggwe n’ezadde lyo eririddawo ensi gye watambulirangamu, ensi

yonna eya Kanani, okugirya emirembe gyonna; era nze, naabeeranga Katonda waabwe.” Gwe olabawo enjawulo nti Ibulayimu yayitibwa “Mutambuze muni” gye yatambulirangamu muni Kanani, naye si muni eri wakati wa kiyira (Nile) ne Fulaati? Nga Mukalidaawo, yali kumpi nnyo n’obuwarabu ku Buyudaaya.

m. Naye Endagaano yakolebwa ku Isaaka, okusinziira ku (Olubereberye 17:21), “Naye endagaano yange naaginywezanga eri Isaaka, Saala gw’alikuzaalira mu biro ebyo ebyatekebwawo mu mwaka ogugenda okujja.”

M. Abaffe, Endagaano eno ya Isaaka yekka nga Isimaeri tayingiramu? Lunyiriri ki mu Baibuli olugamba nti Katonda teyakola Ndagaano na Isimaeri?

m. Tewali lunyiriri lwonna.

M. Kankujjireyo kuzimu kunyiriri mu Baibuli eziraga obwannabbi bwa Muhammadi era nti Nabbi eri ebitonde byonna.

Obwannabbi bwa Muhammadi mu Yereimiya

Mu Baibuli (Yereimiya 28:9) egamba: “Nnabbi alagula emirembe, ekigambo kya nnabbi bwe kirituukirira, kale nnabbi alimanyibwa nga Mukama yamutuma mazima.”

Eki gambo “Busiraamu” kitegeeza mirembe n’obukkakkamu mu lulimi oluwarabu, Emirembe wakati w’Omutonzi n’ebitonde bye, biri mu mannya ga Katonda Amalungi, kino kyawukana ne Yesu bye yajja okukola mu (Lukka 12:51-53)

“Mulowooza nti najja kuleeta mirembe ku nsi? Mbagamba nti Nedda; wabula okwawukana obwawukanyi. kubanga okutanula kaakano

walibaawo bataano mu nnyumba emu nga baawukanye, abasatu n’ababiri, era ababiri n’abasatu. Balyawukana, kitaawe n’omwana we, era omwana ne kitaawe; nnyina ne muwala we, era omuwala ne nnyina; era nnyazaala ne muka mwana we, era muka mwana we ne nnyazaala we.” Era ojjakusoma mu (Matayo 10:34-36)

“Temulowooza nti najja kuleeta mirembe ku nsi: sajja kuleeta mirembe, wabula ekitala. Kubanga najja kwawukanya omwana ne kitaawe, omuwala ne nnyina, omugole ne nyazaala we. abalabe b’omuntu banaabanga ba mu nnyumba ye.”

Okutuusa Siiro bwanajja

Buno bwaali bubaka bwa Yakobo eri abaana be nga tannaba kufa: (Olubereberye 49:1), “Yakobo n’ayita abaana be abasajja, n’ayogera nti Muku**ŊŊ**aane ndyoke mbabuulire ebiribabaako mu nnaku ez’enkomerero.”

(Olubereberye 49:10): “Effumu lya kabaka teriivenga ku Yuda, Newakubadde omuggo gw’oyo afuga teguuvenga wakati mu bigere bye, Okutuusa Siiro lw’alijja; N’oyo abantu gwe banaawuliranga.” Mu Baibuli y’olungereza ekigambo “Shiloh” Nannyini buyinza agonderwa.

Shiloh era linnya lya Kibuga, naye amakulu gakyoo gennyini kitegeeza Mirembe n’obutebenkevu. Ekigambo ekyo tekisobola kuba nga kitegeeza kibuga wano. Wabula litegeeza Muntu alina abantu baalinabo, era kisoboka okuba nga lyakyuusibwa empandiika yalyo wano, nga baaliwandiise Shaluah (Elohim), amakulu Omutume wa Katonda.

N’olwekyo Abatume ba Isiraeri mu lulyo lwa Isaaka lujjakkoma akaseera Siiro bwanajja okusenziira ku (Olubereberye 49:10). Era kino kye kimu ne Qur’ani kyennyonyola mu Suula 2:133

﴿أَمْ كُنْتُمْ شُهَدَاءَ إِذْ حَضَرَ يَعْقُوبَ الْمَوْتُ إِذْ قَالَ لِبَنِيهِ مَا تَعْبُدُونَ مِن بَعْدِي قَالُوا نَعْبُدُ إِلَهَكَ وَإِلَهَ آبَائِكَ إِبْرَاهِيمَ وَإِسْمَاعِيلَ وَإِسْحَاقَ إِلَهًا وَاحِدًا وَنَحْنُ لَهُ مُسْلِمُونَ﴾ [سُورَةُ الْبَقَرَةِ].

“Abaffe mwali weemuli mu kiseera okufa bwe kwatuuka ku Yakobu bwe yabagamba batabani be nti: Kiki kye mulisinza oluvannyuma lwange? Ne bamugamba nti: Tugenda kusinza Asinzibwa wo owa Mazima, era Ye Musinzibwa owa Mazima owa bakadde bo, Ibrahiimu, Ismaili ne Isaaka, Asinzibwa Ali Omu Owa Mazima, era naffe twewaddeyo okumukkiriza n’okumugondera nga tuli Basiraamu.”

Enkyuukakyuuka y’Obutume okugenda muni endala bw’atiisibwa mu (Yeremiya 31:36)

“Ebiragi bino bwe biriva mu maaso gange, bw’ayogera Mukama, kale n’ezzadde lya Isiraeri lirireka okuba eggwanga mu maaso gange ennaku zonna.” Era kino kyalazwaako ne Yesu mu (Matayo 21:43)

“Kyenya mbagamba nti Obwakabaka bwa Katonda bulibaggibwako mmwe, buliweebwa eggwanga eribala ebibala byalwo.”

Bakka Ye Makka

Kaaba Entukuvu eyazimbibwa ne Ibulayimu n’omwana we Isimaeri. Ekigambo kino Makka kyayogerwaako mu Kitabo Qur’ani omulundi gumu mu (Suula 48:24). Erinnya eddala eritegeeza Makka liyitibwa Bakka, okusinziira n’ennimi z’ebika. Era erinnya Bakka lyayogerwaako mu Qur’ani Suula 3:96 omulundi gumu

﴿إِنَّ أَوَّلَ بَيْتٍ وُضِعَ لِلنَّاسِ لَلَّذِي بِبَكَّةَ مُبَارَكًا وَهُدًى لِّلْعَالَمِينَ﴾ [سُورَةُ آلِ عِمْرَانَ].

“Mazima Ennyumba eyasookera ddala okuteerwawo abantu

(olw'okusabiramu) y'eyo eri e Bakka (Al Kaabat), ey'Emikisa era nga kya kulungama kwa bitonde byonna mu nsi." Era ekigambo kino kyayogerwa Nabbi Dawudi mu (Zaburi 84:6), "Nga bayita mu kiwonvu (Bakka) eky'amaziga bakifuula ekifo eky'ensulo; Weewaawo, ddumbi akibikkako n'omukisa." Ensulo eyogerwaako wano yensulo oba oluzzi ZamZam olusangibwa e Makka era saawa eno weeruli lusemberedde Ennyumba Kaaba.

Ennyumba yange Entukuvu

Isaaya 60:

1. "Golokoka, yaka; kubanga omusana gwo gutuuse, n'ekitiibwa kya Mukama kikuviiriddeyo." 60:1 Geraageranya ebyo n'ebiri mu Qur'ani Suula 74:1-3

﴿ يَا أَيُّهَا الْمُدَّثِّرُ ﴿١﴾ قُمْ فَأَنْذِرْ ﴿٢﴾ وَرَبِّكَ فَكَبِّرْ ﴿٣﴾ ﴾ [سُورَةُ الْمُدَّثِّرِ].

"Owange ggwe ayeebikkiridde (Essuuka), Situka otiise (abantu ebibonerezo bya Katonda)! Ne Mukama Katonda wo omugulumize (nga omwawula mu kusinzibwa Kwe)"

2. "Kubanga, laba, ekizikiza kiribikka ku nsi n'ekizikiza ekikutte kiribikka ku mawanga: naye Mukama alikuviirayo n'ekitiibwa kye kirirabikira ku ggwe." 6:2 okujja kw'Omutume Muhammadi kwaaliwo ng'oluberyeberye Ekizikiza ky'obutamanya kibunye Ensi yonna ng'abantu basinza bibumbe nga Enjigiriza ya Abatume nga ne Yesu mwaali baagivaako ey'okusinza n'okusaba Katonda Omu Yekka.
3. "N'amawanga galijja eri omusana gwo, ne bakabaka balijja eri okumasamasa kwo ng'ovaayo." 60:3

4. “Yimusa amaaso go omagemage olabe: bonna beeku**ŋŋ**aanyizza wamu, bajja gy’oli: batabani bo balijja nga bava wala, ne bawala bo baliweekerwa ku mbiriizi.” 60:4 mu myaka Abiri mu esatu (23) Abawarabu baali begasse bonna ekintu kimu, olw’okujja kwa Nabbi Muhammadi ng’asomesa ekyo Abatume banne abaamusooka eky’okusinza Katonda Omu Yekka.
5. “Awo n’olyoka olaba n’oyakirwa, n’omutima gwo gulikankana ne gugazyizibwa; kubanga obusukkirivu obuli mu nnyanja bulikyusibwa gy’oli, obugagga obw’amawanga bulikujjira.” 60:5 Mu kyaasa kimu kyokka, Obusiraamu bwali bubunye wabweeru w’Ensalasalo z’Abawarabu (Abazungu, mu Afirika n’ebifo ebirala).
6. “Olufulube lw’e**ŋŋ**amiya lulikubikkako, e**ŋŋ**amiya eze Midiyaani ne Efa; bonna balijja nga bava e Seeba: balireeta ezaabu n’omugavu ne balanga amatendo ga Mukama.” 60:6
7. “Endiga zonna eza Kedali ziriku**ŋŋ**aanyizibwa gy’oli, endiga ennume eza Nebayoosi zirikuweereza: zinaalinnyanga ku kyoto kyange ne zikkirizibwa, era ndissaamu ekitiibwa ennyumba ey’ekitiibwa kyange.” 60:7 Ebika bya Kedali (Abawarabu) Abaali baayawukana, baafuuka ekintu kimu. “Ennyumba Y’obutukuvu bwange”. Wano eddayo okuba nga y’Ennyumba ya Katonda esangibwa mu Kibuga Makka, era si Kanisa y’Abakristaayo. Amazima gali nti Ebibuga bya Kedali kati saawa eno (mu bumpimpi, ye Soudi Arabiya yonna).
11. “Era n’enzigi zo zinaabanga si nzigale bulijjo; teziggalwengawo misana n’ekiro; abantu bakuleeterenga obugagga obw’amawanga ne bakabaka baabwe nga bawambe.” 60:11 wano ekitegeezebwaamu, ogwo Muzikiti ogwetoolodde Kaaba mu kibuga Makka ekyo nga obudde bwonna, emisana n’ekiro kisigala kitangaala okuva Omutume

Muhammadi bwe yafuna obwannabbi, akaseera ako, yasaanyaawo ebibumbe ebyaali mu Kaaba ebyo ebyaalimu okuva ebyaasa lukumi mu bina (1400) kati ebyakayitawo. Abantu enkumi n'enkumi bakunngaanira mu kifo ekyo ekitukuvu nga batuukiriza Empagi eyokutaano ey'Obusiraamu nga bakola Hijja.

Eyebagala Embalaasi n'Eyebagala Endogoyi.

Endaba ya Isaaya ku Beebagala Ensolo mu (Isaaya 21:7): “Era bw'alabanga ekitongole, abeebagala embalaasi babiri nga bali wamu, ekibiina ky'endogoyi, ekibiina ky'e $\eta\eta$ amiya...”

Ani eyali yeebagadde Embalaasi? Buli muyizi w'esomero lya Sande ajjakumanya omuntu oyo nti yali Yesu (Yokana 12:14): “Naye Yesu bwe yalaba ennyana y'endogoyi, n'agyebereka; nga bwe kyawandiikibwa nti.”

Kaakati Ani eyayogerwaako okwebagala Enngamiya? Oyo Omutume nannyini kitiibwa ekinene atamanyiddwa n'Abasomi ba Baibuli Abenjwulo. Omuntu oyo si mulala okujjako ye Nabbi Muhammadi. Kino bwe baba tebakikiriza, kitegeeza okusuubizibwa okwo mu Baibuli tekutuukiriranga. Eyo y'ensonga Isaaya gye yayogerako mu 21:13, “Omugugu oguli ku Buwalabu. Mu kibira mu Buwalabu mwe mulisula, mmwe ebibiina ebya Abadedeni ebitambula.”

Kino kitulaga Abasiraamu Abawarabu Abasooka omulimu gwe baakola wamu n'emirembe egyaddako nga babuulira Enjiri Y'obusiraamu munsu zonna okutuusa olwaleero luno.

Isaaya 21:14 “Oyo eyalumwa ennyonta baamuleetera amazzi; abatuula mu nsi ey'e Teema baasisinkana abadduse n'emmere yaabwe.” Teema kisoboka okuba nga kibuga (Madiina) kye yasenga Nabbi Muhammadi n'Abagoberezi be. Buli eyasengayo yagattibwa

ne munne Omutuuze nebakola obwasseruganda n'omukwaano ogwa wamu. Era Abasenguse baaweebwa ebyokulya n'ewokusula.

Kankomekkereze ne Isaaya 21:17 egamba: "...Abasajja ab'amaayi ab'oku baana ba Kedali, baliba batono: kubanga Mukama, Katonda wa Isiraeri, akyogedde." Kedali Mwana wa kubiri mu Baana aba Isimaeri (Oluberyeberye 25:13), era okuyitira ku lulyo n'ezadde lye mwe mwaava Omutume Muhammadi oyo eyasibuka mu kyondo ky'Abawarabu nga Ezekeeri bwe kikakasa 27:21

"Obuwalabu n'abalangira bonna ab'e Kedali..."

Nabbi nga Musa

Katonda Yasubiza Musa ng'Ekitabo Ekyamateeka (18:18) okujja kwa Nabbi Muhammadi bwe kigamba: "Ndibayimusiza Nabbi ku baganda baabwe, afaanana nga ggwe; era nditeeka ebigambo byange mu kamwa ke, era alibabuulira byonna bye ndimulagira." Obubaka obwo tebulina gwe bugendako okujjako Omutume Muhammadi, olw'esonga zino wammanga:

1. Ekigambo "Ku baganda baabwe" kitegeeza abaana ba Isimaeri muganda wa Isaaka Jajja w'Abaana ba Isiraeri, Singa Nabbi eyali ategezebwaamu wano ye Yesu (oyo ava mu Baana ba Isiraeri) kyaaliwandiikiddwa bwekiti "Ndibayimusiza Nabbi okuva mu bo"
2. Ekigambo "Afanaana nga gwe" olabira ddala kiri wala okugerageranyizibwa ku Yesu, wabula kiri ku Musa; kubanga Musa ne Muhammadi bafaanaganya ebintu bingi okusinga Yesu nga Omweso wammanga bwegunnyonyola:

Omuweereza, Omutume n'Aloneddwa Owange

Okwongera okulaga obujulizi bw'Omutume Muhammadi nti y'asembayo mu batume bonna era Nabbi wa Katonda, Isaaya 42:

1. “Laba omuweereza wange gwe mpanirira; omulonde wange obulamu bwange gwe busanyukira: ntadde omwoyo gwange ku ye; alyolesa omusango eri ab'amawanga.” Era ayitibwa “Omubaka Wange” mu lunyiriri olwo (19). Tekiriimu kubuusabuusa nti ba Nabbi bonna baali Baweereza, Babaka Abalondebwa Katonda. Ekituufu kiri nti Nannyini bitendo ebyeyawulidde bino ye Muhammadi mu nsi yonna. Mu luwarabu tugamba: (Abduhu wa Rasuluhu Mustafa) “Omuweereza wa Katonda era Omubaka we” Ekirayiro Omuntu yenna ayingira Obusiraamu ky'ayogera kigamba nti: (Nkakasa okuva mu mutima gwange nti tewali kisinzi bwa mu butuufu okujjako Katonda era nenkakasa nti Muhammadi Muweerezawe era mubakawe). Ebigambo ebyo okumanya bikulu nnyo, mu Ddiini y'obusiraamu byogerwa emirundi etaano mu Kwaaziina okw'esswala ettaano ezimanyikiddwa. Erinnya eddala ery'ayatiikirira okukozesebwa ku Mutume Muhammadi mu busiraamu lye: Rasulu Allah, eritegeeza “Omubaka wa Katonda.”
2. “Talireekaana so taliyimusa so taliwuliza ddoobozi lye mu luguudo.” Luno olunyiriri lutenda Nabbi Muhammadi era gwe lulazaako.
3. “...Alyolesa omusango mu mazima.
4. “Talizirika so talike **nn**entererwa okutuusa lw'alisimba omusango mu nsi; n'ebizinga biririndirira amateeka ge.” Ebitendo bino byogera ku Nabbi Muhammadi oyo eyawangula entalo ennyingi n'abalabe be, era bigerageranye ne Yesu oyo

Katonda gw'atasobozesa kuwangula Balabe be Aba Isiraeri abo abaamugaana.

5. 6-- “Nze Mukama nakuyita mu butuukirivu, era naakwatanga ku mukono gwo era naakukuumanga, ne nkuwa okubanga endagaano y’abantu, okubanga omusana eri ab’amawanga.” Ebigambo “Ne nkuwa okubanaga endagaano y’abantu, okubanga omusana eri ab’amawanga.” Biraga nti tewali Mutume agenda kujja oluvannyuma lw’Omutume Muhammadi okujja Munki, era ekigambo “naakukuumanaga” naky’okiraga ky’ekimu era Katonda Yakuuma Nabbi Muhammadi okutuusa Obusiraamu bwe bwatuuka mu bifo bingi mu nsi yonna.
6. 7-- “Okuzibula amaaso g’abazibe b’amaaso, okuggya abasibe mu bunnya, n’abo abatuula mu kizikiza mu nnyumba ey’ekkomera.” Ebigambo “Amaaso g’abazibe” bulamu bwanzikiza, byogera ku bulamu obwonoonefu obwaaliwo nga Nabbi Muhammadi tannajja. “Okujja abasibe mu bunnya, n’abo abatuula mu kizikiza mu nnyumba ey’ekkomera” Bino bitegeeza okukomya obuddu omulundi ogusooka mu byafaayo by’ensi yonna.
7. 8-- “Nze Mukama; eryo lye linnya lyange: n’ekitiibwa kyange sirikiwa mulala, newakubadde ettendo lyange eri ebifaananyi ebyole.” Nabbi Muhammadi alina enkizo mu Batume bonna, mumbeera nti ye Mutume eyakomekkereza obwannabi n’obutume, era Enjiri ye gye yasomesanga ekyaaaliwo okutuusa leero era ekyagenda mu maaso bw’ogerageranya n’Obukristaayo wamu n’Obuyudaaya nga saawa zino tebukyaali kunsibuko yabwo.
8. 10--”Mumuyimbire Mukama oluyimba oluggya, n’ettendo lye okuva ku nkomerero y’ensi...” Ennyimba empya siza lwebulaniya wadde olugiraama, wabula mu lulimi oluwarabu. Elinnya lya

Katonda n'è ly'Omubaka we Muhammadi lyogerwaako emirundi etaano ku Minaala gy'emizikiti Munsu yonna buli lunako.

9. 11-- “Eddungu n'èbibuga byamu biyimuse eddoboosi lyabyo, ebyalo Kedali mw'atuula; abatuula mu Seera bayimbe, boogerere waggulu nga bayimba ku ntikko z'ensozi.” Olusozi oluyitibwa Arafa mu kibuga Makka, Abalamazi nga bali mukifo ekyo bayogera ebigambo bino: “Owange Katonda wange nnyanukudde omulanga gwo, Nnyanukudde. Nnyanukudde. Tewali kikufaanana mu bw'omu bwo.” Isaaya 42 teyogera ku Mutume yenna mu Batume Isiraeri; kubanga jjukira nti Kedali mwana wa kubiri mu baana ba Isimaeri, tunula mu (Olubereberye 25:13).

12. “Bamuwe Mukama ekitiibwa, era babuulire ettendo lye mu bizinga.” Ekituufu Obusiraamu bwaabuna mpaka ne mu bizinga ebitono eby'ewala gamba nga Indonesia n'èbitundu ebirala. Essuula eno Isaaya 42 olabira ddala nga eyogera ku Nabbi Muhammadi n'èbitendo bye Katonda bye yamuwa

Yayita Kabaka Dawudi “Mukama Wange”

Zabbuli 110:1 “Mukama agamba mukama wange nti Tuula ku mukono gwange ogwa ddyo, Okutuusa lwe ndifuula abalabe bo entebe y'èbigere byo.”

Tulina Ba Mukama babiri abogeddwaako mu lunyiriri luno. Nga Mukama Asooka (Mwogezi “Mukama agamba mukama wange”) ye Katonda eyatonda ebitonde byonna, Mukama owo kubiri (ayogerwaako “mukama wange”) tasobola kuba nga nayeera Katonda mu kaseera kekamu; kubanga Dawudi amutegeera Katonda we bulungi Omu Yekka, n'olwekyo singa empandiika yali nti: “Katonda agambye Mukama wange...” Ani eyayitibwa ne Dawudi “Mukama

wange”? Ekkansa zonna zija kusoma nti Yali Yesu. Naye kino ky’agaanibwa ne Yesu yennyini mu (Matayo 22:45), (Matayo 12:37) ne (Lukka 20:44). Ye yennyini yejjeemu okuba nekitiibwa ekyo, kija kitya Yesu okuba mu Bazzukulu ba Dawudi oluvannyuma Dawudi ayite Yesu Mukama wange, Yesu agamba mu (Lukka 20:42-44):

“Kubanga Dawudi yennyini ayogera mu kitabo kya Zabbuli nti Mukama yagamba Mukama wange nti Tuula ku mukono gwange ogwa ddyo. Okutuusa lwe ndifuula abalabe bo entebbe y’ebigere byo. Dawudi amuyita Mukama we, kale mwana we atya?”

Yesu mu bigambo ebyo yalibadde ayankula, waddenga okwanukula tekwayja munjirize Ennya ezimanyikiddwa. Naye Enjiri eyitibwa Barunabba Abakristaayo bonna gyebattakiriza, ekisooka yayogera omuntu eyayina okusalibwa nti yali Isimaeri, wabula si Isaaka, ekirala Enjiri eyo yannyonyola nti Dawudi yali alaza nekigambo ekyo “Mukama wange” ku Nabbi Muhammadi, tewali Nabbi yafuna bigezo eby’amaanyi oluvannyuma n’abiwangula nga Nabbi Muhammadi. N’Abatume bwogatta emirimu gyabwe, tegyenkanankana na gya Nabbi Muhammadi, mu mbeera nti mu myaka abiri mu esatu (23), yasobola okulekawo Eddiini ey’Obusiraamu okutuusa olunaku olwa leero nga tekyuusibwanga.

Gwe Nnabbi oli?

Abayudaaya baatumu abakozi babwe b’abalaawi okugenda ewa Yokaana Omubatizi bamubuuze nti yye yaani ddala. (Yokaana 1:20-21): “N’ayatula, n’ateegaana; n’ayatula nti Si nze Kristo. Ne bamubuuza nti Kale lw’oli ani? oli Eriya? N’agamba nti Si nze ye. Ggwe nnabbi oli? N’addamu nti Nedda.”

Ekibuuzibwa wano ekikulu kiri nti: Gwe Nabbi oli? Ani oyo

Omutume eyalindirirwa ebbanga eppanvu, nga Omutume oyo yalina okujja oluvannyuma lwa Yesu ne Yokaana Omubatizi? Ani oyo ddala ng'alinga Musa mu bitendo bye nga bwe twabikoonyeeko, (Ekyamateeka 18:18) nga ye Mutume Muhammadi?

Omuto mu bwa Kabaka bw'omu ggulu

Yesu yagamba mu (Matayo 11:11): “Ddala mbagamba nti Tevanga mu abo abazaalibwa abakazi omuntu asinga Yokaana Omubatiza: naye omuto mu bwakabaka obw'omu ggulu amusinga ye.” Abaffe osobola okukikkieriza nti Yokaana Omubatiza mukulu okusinga Adamu..., Ibulayimu, Musa, Dawudi, n'Abatume abalala bonna? Oba ky'ogamba alina kye yatuukiriza munsu muno nga bo tebaakikola? Abaffe, bameka abaalunngamira ku mikono gye mu bagoberezi be? Waddenga si kyenjagala okutuukako wano, wabula ekibuuzo ekikulu, ani alazibwaako mu bigambo bino: (Omuto mu bwakabaka bw'omu ggulu)? Ekituufu oyo si Yesu ng'abasinga bweba kitegeera; kubanga “Obwakabaka bw'omu ggulu” tebwaakoma ku mulembe gwe, era ye yennyini Yesu takyogerangako nti ye Muto, amakulu nti ye muto mu myaka okusinga bonna. Obwakabaka bw'omu ggulu bwa Katonda ali waggulu Asinzibwa Omu Yekka. Awonno Omuto ategeezebwaamu wano ye Nabbi Muhammadi.

Omubeezi

Yokaana 14:16 egamba: “Nange ndisaba Kitange, naye alibawa Omubeezi omulala, abeerenga nammwe emirembe n'emirembe.”

Tetumanyi mu butuufu ekigambo ekyakozezebwa ne Yesu mu lulimi olugiriyaama okutegeeza “Omubeezi” Ebitabo bya Baibuli ebirala

naddala mu lulimi olungereza byakozesa ekigambo nga “comforter, consoler, Advocate, Helper”. Ate mu Baibuli y’oluyonaani, ekigambo Omubeezi kyavvuunulwa nti “paraclete”, okunnyonyola okwenjawulo kitegeeza “Omwoyo Omutukuvu” “Ekigambo” n’ebiringa ebyo.

Ekitabo Qur’ani mu Suula 61:6 kyannyonyola nti Yesu yayogerera ddala erinnya ly’omutume oyo:

﴿وَإِذْ قَالَ عِيسَى ابْنُ مَرْيَمَ يَا بَنِي إِسْرَائِيلَ إِنِّي رَسُولُ اللَّهِ إِلَيْكُمْ مُصَدِّقًا لِمَا بَيْنَ يَدَيَّ مِنَ التَّوْرَةِ وَمُبَشِّرًا بِرَسُولٍ يَأْتِي مِنْ بَعْدِي اسْمُهُ أَحْمَدٌ فَلَمَّا جَاءَهُمْ بِالْبَيِّنَاتِ قَالُوا هَذَا سِحْرٌ مُبِينٌ ﴿٦﴾﴾
[سُورَةُ الصَّفِّ].

“Era (jjukira) mu kiseera (Nabbi) Issa mutabani wa Mariamu bwe yagamba: abange Abaana ba Israili! Mazima nze ndi mubaka wa Katonda (atumiddwa) gye muli, era ndi akakasa amazima g’ebyo ebiri mu maaso gange ebiri mu Taurati (Ekitabo Nabbi Musa kye yajja nakyo), era ndi mulanzi (alanga) Omubaka alijja oluvannyuma lwange, nga erinnya lye ye Ahmada (Muhammadi). Naye ate bwe yamala okubajjira (omubaka eyalangibwa) n’obujulizi obw’enkukunala (obwoleka amazima ge); ne bagamba nti: Kino (ky’aleese) ddogo eryeyolefu.”

N’olwekyo ekigambo Omubeezi mu Yokaana 14:16, kyogera ku Mutume Muhammadi era obubaka bwe bwakusigalawo okutuusa kunkomerero yensi eno. Nga tugaziya olunyiriri olwo, katulabe ddala oba ebitendo by’Omubeezi oyo bikwatagana ku Nabbi Muhammadi:

1. “Omubeezi Omulala” Ababeezi Bangi bajja dda, ate Omulala tannajja.

2. “Abeerenga nammwe emirembe n'emirembe.” Lwa nsonga tewali bwetaavu okujja kw'omulala oluvannyuma lwe, era yali Mutume asembayo nga tewali Mutume agenda kujja oluvannyuma lwe. Olw'esomga Qur'ani n'enjigiriza yaayo yonna eya Nabbi Muhammadi ekyagenda mu maaso nga bwe yagireka mu bbaanga ery'emyaka 1400 kati eryakayitawo.

3. “Ye bw'alijja, alirumiriza ensi olw'ekibi, n'olw'obutuukirivu, n'olw'omusango” (Tunula mu Yokaana 16:8) Abatume abasigadde bonna omuli Ibulayimu, Musa, Dawudi, ne Sulaimani omulimu gwabwe oba obuvunaanyizibwa bwe baalina bwakoma ku bantu babwe, naye ate Omubeezi Omulala ono bw'alijja, Enjiri ye yansi yonna eri ebitonde byonna. Omutume ono, teyakoma kusanyaawo nsinza ya bibumbe eyali ekyaaase ennyo mu buwarabu, wabula yawandiikira abakulembeze b'ensi ez'enjawulo ng'abakoowoola okukkiriza n'okusinza Katonda Omu Yekka owa mazima, wamu n'okukkiriza Omutume oyo nti Nabbi okuva ewa Katonda, mw'abo abakulembeze mulimu Herakulu akulembera Paziya, Himaya akulembera Abaruumi, Najashi Kabaka we Ethiopiya n'omulala Mukaukisi eya kulembera Egypt. Yalabula Abakristaayo mu kiseera ekyo, olw'okugabanya obw'omu bwa Katonda emirundi esatu, n'okumulinyisa eddaala Yesu nti mwana wa Katonda n'oluvannyuma nti Katonda Kennyini. Omutume oyo yali Muhammadi eyeekesa Abayudaaya n'Abakristaayo okwonoona n'okukyusa ebitabo byabwe, era yayolesa amazima g'okuzaalibwa kwa Isimaeri, n'alongoosa wamu n'okujjawo okuwaayirizibwa kw'Abatume abamu mu Baibuli Abagambibwa nti baayonoona, baayenda, baakabasanya bawala babwe n'okusinza amasanamu oba ebibumbe.

4. “Naye bw'alijja oyo Omwoyo ow'amazima, anaabalunggamyanga mu mazima gona: kubanga tayogeranga ku bubwe yekka; naye

byonna by'anaawuliranga by'anaayogeranga ye anaababuuliranga ebigenda okujja.” (Yokaana 16:13).

Qur'ani bigambo bya Katonda, tewali kigambo nakimu nga kya Muhammadi oba abo bonna abaamugoberera nga kyayingizibwa mu kitabo Qur'ani. Malayika Jibrili (Gabrieli) Yamusomeranga Qur'ani nga bwaddamu, oluvannyuma n'alagira abawandiisi be okuwandiika buli lunyiriri olukka okuva ewa Katonda, luwandiikibwe mu bifo eby'enjawulo ebitukuvu. At'ebigambo bye Muhammadi, byo byawandiikibwa luvannyuma nnyo era ne biyitibwa “Hadiithi” amakulu ebigambo bya Nabbi.

Geraageranya ebigambo ebyo waggulu n'ebiri mu kitabo (Kyamateeka 18:18)

“...Era nditeeka ebigambo byange mu kamwa ke, era alibabuulira byonna bye ndimulagira.” Era ogeraageranye n'ebiri mu Qur'ani Suula 53:2-4)

﴿مَا ضَلَّ صَاحِبُكُمْ وَمَا غَوَىٰ ﴿٢﴾ وَمَا يَنْطِقُ عَنِ الْهَوَىٰ ﴿٣﴾
إِنْ هُوَ إِلَّا وَحْيٌ يُوحَىٰ ﴿٤﴾﴾ [سُورَةُ النَّجْمِ].

“Munnamwe (Muhammadi) tabulanga era tayonoonekanga. Era tayogera (ebyo by'abagamba) nga aggya ku kwagala kwe. Wabula bubaka obuweerezebwa (gy'ali nga buva wa Katonda)”

5. “Oyo anangulumizanga nze...” (Yokaana 16:14). Amazima amatuufu gali nti Qur'ani yasitula eddaala lya Yesu nemuwa n'ekitiibwa ekirungi okusinga Baibuli kyeyakola wamu n'Abakristaayo; olw'esonga zino wammanga:

(a). Okukkiriza okufa kwa Yesu ku Musaalaba ekyo kissa eddaala

lye oly’obutume bwe, okusenziira ku kitabo (Ekyamateeka 13:5): “Era nabbi oyo oba omuloosi w’ebirooto anattibwanga...” ekirala ekyo kitegeeza kubaako kikolimo okuva ewa Katonda (Nsaba Katonda akimuteeke wala), (Ekyamateeka 21:22-23):

“Era omuntu bw’aba ng’akoze ekibi ekisaanira okumussa; ne bamutta, n’omuwanika ku muti. omulambo gwe tegusulanga ku muti, naye tolemanga kumuiziika ku lunaku olwo; kubanga awanikiddwa ng’akolimiddwa Katonda; olemenga okugwagwawaza ensi yo Mukama Katonda wo gy’akuwa okuba obusika.”

(b). (Matayo 27:46) egamba bweti: “Obudde bwe bwatuuka ng’essaawa ey’omwenda Yesu n’ayogerera waggulu n’eddoboozi ddene, ng’agamba nti Eri, Eri, lama sabakusaani? Amakulu gaakyo nti Katonda wange, Katonda wange, kiki ekikundesezza?”

Abaffe, ddala Yesu ow’eddaala ery’ekitiibwa ekyamaanyi, yandiyogedde ebigambo nga ebyo? Tekijja Omuntu ow’eddaala nga eryo afiirire ng’ali ku kibonerezo nga ekyo; kubanga yamanya nti okufa kwe kujja kumuwanguzi ekitiibwa ky’omuntu afiiriridde eddiini ye. Kuno olowooza tekwaali kumukkakkanya Yesu obutaba na bukkiriza mu Katonda we?

(c). Tekisoboka Yesu omulembe gw’akulembera kuguyita mbwa na mbizzi, ne Maama we okumuyita mbu “Omukyala” Soma (Matayo 7:6): “Temuwanga mbwa ekintu ekitukuvu, so temusuulanga luulu zammwe mu maaso ga mbizzi, zireme okuzirinniyirira n’ebigere byazo, ne zikyuuka okubaluma.” Soma ne (Yokaana 2:4): “Yesu n’amugamba nti Omukyaala, Onvunaana ki? Ekiseera kyange tekinnaba kutuuka.” Maama we amuyita mukyala!

Mama wa Yesu Ekitababwani Qur’ani ky’amuwa ekitiibwa kye ne kikozeza

erinnya “Maama”, soma Qur’ani (19:32):

﴿وَوَبَّرًا بِوَالِدَتِي وَلَمْ يَجْعَلْنِي جَبَّارًا شَقِيًّا﴾ [سُورَةُ مَرْيَمَ].

“(Era Yannaamira) n’okuyisa obulungi mmange (Mariyamu), N’atanfuula ayeekuluntaza, omwononyi.”

Obubaka ku Mutume Muhammadi

Obubaka obw’asooka okukka ku Mutume Muhammadi nga buyitira ku Malayika Jibrilu (Gabriel) okuva ewa Katonda mu kitabo Qur’ani busangibwa mu Suula (96:1-5), era bw’atandika n’ekigambo “Iqra”, nga kitegeeza “soma.” Olw’okuba ye yali tamanyi kusoma wadde okuwandiika, era mu bwangu ddala yayanukula nti: “Simanyi kusoma.” Buno obubaka bw’ayogerwaako mu (Isaaya 29:12): “Ne bamuwa ekitabo oyo ataayigirizibwa nga boogera nti Soma kino, nkwegayiridde: n’ayogera nti Siyigirizibwanga.”

Ennyiriri za Qur’ani nga bweziri mu mpanga yazo leero, siy’empanga yazo mu kukka okuva mu ggulu, ekitegeezebwa mu kino kwe kuba nti Ennyiriri ez’asooka okukka, si z’ezisooka mu kitabo ekiri mu mikono gyaffe, na bwekityo ezisembayo bwekiri. Ensonga eri nti Obubaka bwakkanga butonobutono mu bitundu tundu mu bbanga ery’emyaka (23), era oluvannyuma bw’atekeebwa mu mpanga yabwo nga webuli kati nga Katonda bwe Yabusengeka okusookera ddala oluberyeberye nga Malayika Jibiril tennaba ku buleeta ku Mutume Muhammadi, kitegeeza empanga eyo eyasooka, gyetulina saawa zino. Era gano amawulire si mapya, Baibuli yagoogerako mu (Isaaya 28:10-11)

“Kubanga kiba kiragiho ku kiragiho, ekiragiho ku kiragiho; olunnyiriri ku lunyiriri, olunnyiriri ku lunnyiriri; wano katono, awo katono. Nedda, naye alyogera n’abantu bano n’emimwa emigenyi era n’olulimi

olulala” Ekigambo “n’olulimi olulala” (Si lwebbulaniya wadde okuba olugiriyama, wabula lulimi luwarabu).

Abasiraamu Ensi yonna okuva mu bangereza n’abawarabu naffe abafirika n’abala bonna munsu ez’enjawulo b’akozesa olulimi lumu (luwarabu) nga basinza Katonda, mu swala zabwe, okulamaga e Makka nga bakola Hijja ne mukubuuzaganya wakati wabwe. Obumu buno obw’olulimi era bw’ayogerwaako mu Baibuli (Zeffaniya3:9)

“Kubanga mu biro ebyo ndikyusiza amawanga olulimi olulongoofu, bonna bakaabire erinnya lya Mukama, okumuweereza n’omwoyo gumu.” Amazima gaalabika dda nti olwo lulimi luwarabu, lwakuba abantu abamu balowooza nti Yesu, oba olyaawo ajjakusomesa abantu basinze Katonda wabwe mu lulimi lumu, akaseera k’anaakomawo kunsu kuno omulundi ogwokubiri. Abasiraamu bakikakasa era nga bakkiriza nti Yesu okujja kwe omulundi ogwokubiri munsu eno, ajja kwegatta n’abasiraamu mu Mizikiti asaale nabo ng’abasiraamu abalala; kubanga ajjakuba mutayirire, nga talya mbizzi, era asaale ng’afunye Udhu bulungi, akutame ku maviivi, avunname wansi n’omutwe gwe ng’abasiraamu bwe bakola nga basaala mu budde bwe Swala.

EBITABO EBIKOZESEDDWA

1. Explanatory English Translation of Holy Qur’an, by Dr. Muhammadi Ta quiDin al-Hilali ne Dr. Muhammad Muhsin Khan.
2. The Holy Bible (King James Version), authorized 1611.
3. The Holy Bible (Revised Standard Version).
4. The New World Translation of the Holy Scriptures (Jehovahs Witnesses Church)

5. New American Standard Bible.
6. The Myth of Cross, by A.D. Ajijola.
7. The Cros and the Crescent, by Maulana Muhammad Imran.
8. Davis Dictionary of the Bible, 1980.
9. The International Standard Bible Encyclopedia.
10. Smith's Bible Dictionary, 1980.
11. The Encyclopedia Britannica, 1980.
12. Muhammadi in the Bible, by Prof. Abdul Ahad Dawud.
13. Muhammadi in the Bible, by Ahmed Deedat.
14. Jesus: A Prophet of Islam, by Sulaiman Shahid Mufassir.
15. Bibilical Studies from Muslim Perspectives, by S. Mufassir.
16. Muhammadi in the Bible, by Jamal Badawi: Al-Ittihad (January-March 1982).
17. Ekitabo Ekitukuvu Qur'ani, by Shk. Mawulaana Abdurazak Matovu.
18. Baibuli Y'oluganda.

EBIRI MUNDA

OKUKAKASA	3
Ekigambo ky'Omuwandiisi	4
Ennyanjula	5
Olusisinkana olusooka wakati w'Omukristaayo n'Omusiraamu	6
BAIBULI ENTUKUVU	24
Enzikiriza Ey'obusatu (Katonda Kitaffe, Katonda Omwana, N'omwoyo Omutukuvu).37	
Obwa Katonda bwa Yesu	46
OKUKKIRIZA NTI "YESU" MWANA WA KATONDA	57
Yesu Yakomererwa ku Musaalaba?	60
Okufirira abantu ku musaalaba n'ekyonoono Eky'asooka	68
MUHAMMADI MU BAIBULI	70
(Ismaeri ne Isaaka bonna b'aweabwa Ekitiibwa)	70
Obwannabbi bwa Muhammadi mu Yereimiya	77
Okutuusa Siiro bwanajja	78
Bakka Ye Makka	79
Ennyumba yange Entukuvu	80
Eyebagala Embalaasi n'Eyebagala Endogoyi.	82
Nabbi nga Musa	83

Omuweereza, Omutume n'Aloneddwa Owange	84
Yayita Kabaka Dawudi “Mukama Wange”	86
Gwe Nnabbi oli?	87
Omuto mu bwa Kabaka bwo'mu ggulu	88
Omubeezi	88
Obubaka ku Mutume Muhammadi	93
EBITABO EBIKOZESEDDWA	94

حوار بين مسلم ونصراني

يشتمل هذا الكتاب على خلاصة حوارات متتالية دارت بين المؤلف حسن محمد باعقيل وعدد من رجال الدين المسيحي، اتسمت بالموضوعية والأدب الجم، والحرص على تجنب المساس بالمشاعر الدينية، والالتزام بالمنهج العلمي للحوار، على هيئة سؤال وجواب، ليعالج ثمانية قضايا أساسية هي:

- هل كان أبراهيم يهوديا أو نصرانيا؟
- كلام الله أم كلام البشر؟
- توحيد أم تثليث؟
- هل المسيح بشر أم إله؟
- هل المسيح ابن الله؟
- هل صُلب المسيح ثم قام؟
- دعوى الخطيئة الأولى والفداء.
- محمد صلى الله عليه وسلم رسول الله في الكتاب المقدس.

OKUKUBAGANYA EBIROWOOZO WAKATI W'OMUSIRAAMU N'OMUKRISTAAYO

Ekitabo kino kirimu mu bufunze emboozu eziddiringana ezaaliwo wakati w'omuwandiisi Hassan Muhammad Baaqil ne bannaddiini Abakristaayo abawerako, ezaali ennungi, n'okubaamu okwewala okusosola mu nneewulira z'eddiini, n'okunywerera ku nkola ey'okuteesa, mu ngeri y'okubuuza n'okuddamu nga zijjanjaba esonga :munaana enkulu

- Abaffe Ibrahim /Abraham yali Muyudaaya oba Mukristaayo?
- Ebigambo Ebiri mu Baibuli bya Katonda oba bya Muntu?
- Aabaffe Katonda ali omu ku basatu oba Katonda ali omu yekka?
- Yesu ye Katonda oba Muntu?
- Abaffe, yesu mwana wa Katonda?
- Kituufu Yesu yakomelerwa ku musaalaba?
- Abaffe Yesu yafiiririra ebibi bya bantu ku musaalaba?
- Muhammadi okuba mu Baibuli.

FIRST EDITION
الطبعة الأولى

القواعد الأربع
الإصدار رقم 01 من سلسلة مطبوعات
جمعية الدعوة والإرشاد وتوعية الجاليات بمحافظة حريملاء

